# Ebidiba Ebyasimwa

Phoenix, Arizona, USA
Jjanwali 23, 1965

1 Mukama, nzikiriza; Mukama, nzikiriza,

Byonna biyinzika; Mukama, nzikiriza.

Ka tusigale nga tuyimiriddeko katono era tukoteke ku mitwe gyaffe. Mukama Yesu, tugezaako nga twewombeeka, okukulaga, nga tuyimba kino, nti tukkiriza. Mukama, era tusaba, nti kati, nti weeyongere okutumenyeramenyera Omugaati gw'Obulamu, ng'otuwa ebyo bye twetaaga, okuva muM Kigambo Kyo. Tukisabye mu linnya lya Yesu. Amiina.

2 Mutuuleeko. Mazima mbeera mukakafu, gye tuli ffenna, bwe njogera ekigambo kamala-byonna ekya "amiina," nti omukisa gwa Katonda ogw'omuwendo gubeere ku kibiina kino.

Amakya gano ntudde ne mpuliriza bulungi okubuulira, ne nnyumirwa obujulizi, engeri ez'enjawulo gye babadde boogeramu. N'okuwulira abapya, ow'oluganda Omubaptist wano azze okwenenya nti bambi abadde mu bukyamu. Kale ne—nze nsiima omuntu, omuntu yenna asobola okuba omuntu ddala, oba—oba ate era, omusajja ddala, ng'alowoozezza nti yakola ensobi. Mazima teyeenenyerezza nze, si nze gwe yeenenyerezza, abadde Katonda. N'olw'ekyo nki—ekyo nkisiimye, mulaba. Katonda awe omukisa muganda waffe, ne muganda we omubuulizi w'enjiri ey'ebweru.

Abange, Omubaptist, mumanyi, nze mwennyini nnali mu kkanisa ya Baptist. Nnali mmemba mu Missionary Baptist Church. Bwe najja gye muli, mmanyi bwe muwulira. Nange bwe nnawulira, nga nnina kye mpulira kye—kye saamanya.

3 Nzijukira omulundi gwange ogwasooka okulaba omu Pentekoote, kyali mu Dowagiac, Michigan . . . munsonyiweko, mu Dowagiac nagendayo ku lugendo lwa kuvuba, era nnali nva mu Dowagiac, nga ŋŋenda Indiana. Kati ne ndaba erinnya, erya "Yesu" ku mmotoka zonna n'ebirala, era ku olwo ne mpuliriza okuweereza kwabwe. Olunaku olwaddako ne bansaba okujja ku kituuti, njogereyo ebigambo bitono, era ne nkikola. Kati ne . . . Ne bambuuza ekkanisa gye nkuŋŋaaniramu, ne mbagamba nti ndi Mubaptist.

Ku olwo baalina omusajja namukadde omuzungu eyali agenda okubuulira, era ateekwa okuba nga yali eyo mu kinaana, n'ajja ku kituuti. Namukadde, kumpi nga bafulumya na mufulumye. Yali ataddeko, emu ku kkooti ezo empanvu ez'abaweereza, ekitogi eky'ebbeyi, nga kyetooloddwa wuulu ku bbali. Ne ŋŋamba nti, "Abantu bano bonna abali wano abaayigirizibwa eby'eddiini, abantu ab'ekitalo, engeri gye baleka olukuŋŋaana luno ne luweebwa omuntu bw'ati? Namukadde ono alina kubeera mu katebe awantu awamu, ng'atudde."

4 Ku olwo baali babuulira ku ebyo Yesu bye yali akoze wano ku nsi. Kyokka, bwe yajja, n'abuulira kikye, ndowooza kyali mu Yobu . . . : 7, 20, sikakasa nti oba ekyo kye kyali Ekyawandiikibwa. Naye, kuno kwe ku nokola, oba ekitundu ku kyo, "Wali ludda wa bwe nnassaawo emisingi gy'ensi, emmunyeenye ez'enkya bwe zaayimbira awamu, n'abaana ba Katonda bonna ne boogerera waggulu olw'essanyu?" N'ayogera ku kyabaawo mu ggulu, ng'ate babadde boogera ku kyabaawo mu nsi.

Kati bwe yagira, mu ddakiika nga ttaano nga yaakoogera, mwene, Omwoyo wa Mukama n'amugwako, n'abuukabuuka ng'agasse ebisinziiro bye. Abange, ekifo kyali kigazi, kumpi kyali nga kitundu ku kituuti kino, nga yeetooloola awo, n'agamba, "Ekifo kye mulimu tekimmala kubuuliriramu."

Kyokka, olwo nnali wa myaka ng'abiri. Ne neebuuza, "Bwe—ekyo bwe kiba nga kikola ku nnamukadde ono, ate nze kinankolera ki?" N'olw'ekyo okiraba?

5 Ku lw'okukuuma buli kintu nga kiri mu ntegeka enuŋŋamu olwa baganda baffe abapya, mazima ddala tubaanirizza mu lukuŋŋaana lwaffe. Ndabye, nsuubira mpulidde nga boogera ku kabona atudde wano, nsuubira; ddala, olw'okuba Omungereza, abantu bange Bakatoliki. Kale waliwo n'abalala abawerako, Ababaptist n'abalala ab'enjawulo. Emabegako awo, oyinza okuba nga watabulwamu. Nakiraba nti tewali n'omu ku b'oluganda eyakyogerako, naye ndowooza nja kugezaako okukirongoosa. Ow'oluganda Shakarian . . . Omwogezi ow'ekitalo bwe yamala okujjuzibwa essanyu, olw'okumanya nti okujja kwa Mukama kusembedde, ya—yayogera gye tuli, mu lulimi olutamanyiddwa. Ne tufuna n'omuvvuunuzi eyavvuunula. Mu ekyo, Ekyawandiikibwa kigamba, "Bwe watabaawo muvvuunuzi, olwo basirikenga." Naye bwe—bwe boogeranga mu nnimi ne zivvuunulwa, bufuuka bunnabbi. Kale waliwo okutabulwa—ku byombi mu kiseera kye kimu. Kaakati, ekyo tekibuzaabuza nnyo, mulaba; kubanga, omu yali avvuunula, omulala ng'alagula. Mulaba? Kale kye . . .

6 Nnalowoozezza nti nkitegeeze baganda baffe, bwe baba tebaakitegeera, kubanga omu ku bo butereevu yali awa . . . Mwalabye obudde buli omu bwe yamaze? Ate omulala yali ajjudde nnyo, ng'omuntu, olwo Omwoyo wa Katonda n'awa obunnabbi okuyita mu ye; okuvvuunula, omulala ng'avvuunula. Olwo nno kisobole okutegeerebwa mu bulambulukufu, nti mu . . . tetuli . . . Emirundi egimu, eri endowooza y'obuntu . . . Nga kiringa muganda waffe ow'omuwendo eyeenenyezza amakya

gano. Kibuzaabuzaamu eri omuntu atategeera. Naye eri abo abali munda, abajaasi b'olutalo abali munda, kale, tutegeera, ebintu bino kye biri. N'olw'ekyo ndowoozezza nti nteekwa okubaako kye nkyogerako, bwe kiba tekirina buzibu.

7 Kaakati, ma—mmanyi nti wano si we watuufu okukyogerera. Naye olw'okuba nti buli omu abadde akyogerako katono, nze . . . Mumanyi, omuntu oyo yagamba, namukadde oyo omuddugavu yagamba, "ekifo kye mulina tekimmala kubuuliriramu." Ebiseera bye mulina tebimmala kubuuliriramu. [Ekibiina kisanyuka—Omuk.] Manyanga okwogera olukobo.

Lumu omuntu omu yagamba, nti, "Omuweereza yajja, yali yaakamala emyaka abiri nga musumba mu kkanisa. Era nga lubeerera buli ku Ssande ku makya abuulirira eddakiika asatu mu kkanisa ye." N'agamba, "Ku makya ga Ssande eno, yabuuliridde essaawa ssatu."

Kati olwo akakiiko k'abadinkoni ne kamuzza ebbali, ne bamugamba nti, "Musumba, mazima tukwebaza." Era, "Lubeerera tumanyi nti—oyimiririra Bayibuli n'amazima gaayo." Era ne bagamba, "Era bulijjo otuwabula ne tuwulira bulungi nga tutukuziddwa mu maaso ga Katonda. Mazima ddala tukwebaza, era tukkiriza nti oli muweereza wa Katonda. Era ddala tukwebaza olw'obubaka obwo amakya gano." Naye, era, "Waliwo ekintu kimu kye twagala okukubuuzaako." Ne bamugamba nti, "Ng'akakiiko k'abadinkoni, tupimye obudde bw'okozesezza." Era, buli ku Ssande ku makya obadde okozesa eddakiika asatu, kyokka leero okozesezza essaawa ssatu." Ne bamugamba, "Kaakati, jjukira, tusiimye buli kimu. Kibadde kirungi." Nga bw'omanyi, namukadde nga bamuzzaamu amaanyi.

8 N'agamba, "Kale, ab'oluganda, nja kubabuulira bwe kiri." N'abagamba, "Buli ku makya bwe ŋŋenda mu . . . bampita ku kituuti," era, "Nfunayo akapima ebigambo ne nkabatika," nti, "mbatika ako." Nti era, "Bwe mmala okubatika akapima ebigambo," nti "Kitwala eddakiika asatu," era nti "Olwo ne mmaliriza okubuulira." N'agamba, "Mumanyi, amakya gano, nsuubira nsussizza mu kye nandikoze. Nakawandudde, kuba nnabadde n'eppeesa mu kamwa." [Ekibiina kiseka—Omuk.]

Nze sirina kye nngenda kubatika, kuba mmanyi nti teri alina kapeesa konna mu nsawo. Naye tuli . . . Ka nsuubire nti tekiwulikise bubi. Naye njagadde . . . omanyi ne Katonda ebiseera ebintu agereesa, nga bwe mumanyi.

N'olw'ekyo tukimwebaliza okubeera wano nga tulina obudde okukunngaana, ne—n'omukisa omusukkulumu nate, okumenyaamenya omugaati gw'obulamu, mu ngeri yange enyoomebwa. Mmanyi, ng'abaayigirizibwa eby'eddiini, ng'omusajja oyo jjuuzi bwe yagamba okuva mu Bungereza; abange, nkyawa okwogera ku muntu nga taliiwo, n'obuyigirize bwange obwakoma mu ky'omusanvu. Naye ka nsuubire nti Katonda ajja kubabuulira ekiri mu mutima gwange. Olaba? Ebigambo byange bwe biba bikyamu; ebigendererwa byange, byo—nkakasa birungi.

9 Kati ka tusome ekyawandiikibwa kino. Bangi ku mmwe mwagala okubigoberera. Era amakya gano ŋŋenda kusoma mu, mu kaseera katono, okuva mu kitabo kya Yeremiya, nnabbi, essuula eyo 2, kati ŋŋenda kutandika n'olunyiriri olusooka.

> *Awo Ekigambo kya MUKAMA ne kinjijira, nga kyogera nti,*
>
> *Genda oyogerere waggulu mu matu ga Yerusaalemi nti bw'atyo bw'ayogera MUKAMA; nkujjuukirira ku kisa ky'omu buto bwo, okwagala okw'okwegendereza kwo, bwe wangoberera mu ddungu, mu nsi etaliimu bisige.*
>
> *Isiraeri yali mutuukirivu eri MUKAMA, ebibala ebibereberye eby'oku kyengera kye: bonna abamulya baliyitibwa . . . abazzizza omusango; obubi bulibatuukako bw'ayogera MUKAMA.*
>
> *Muwulire Ekigambo kya MUKAMA, mmwe ennyumba ya Yakobo, n'ebika byonna ebya Isiraeri:*
>
> *Bw'atyo bw'ayogera MUKAMA nti, butali butuukirivu ki bajjajjammwe bwe baalaba mu nze, n'okugenda bagenze wala okunvaako, ne batambula okugoberera obutaliimu ne bafuuka abataliimu?*
>
> *So tebayogera nti MUKAMA ali ludda wa eyatuggya mu nsi y'e Misiri; eyatuyisa mu lukoola, mu nsi ey'amalungu n'obunnya, mu nsi ey'ennyonta n'ey'ekisiikirize eky'okufa, mu nsi omuntu yenna gy'atayitamu, so . . . n'omuntu yenna mw'atabeera?*
>
> *Ne mbaleeta mu nsi ey'ekyengera, okulyanga ebibala byamu, n'obulungi bwamu; naye bwe mwayingira ne mwonoona, ensi yange, ne mufuula obusika bwange okuba omuzizo.*
>
> *Ne Bakabona tebayogera nti, MUKAMA ali ludda wa? N'abo abatogaatoga amateeka tebammanya: era n'abakungu ne bansobya, bannabbi ne balagula ku lwa Baali, ne batambula nga bagoberera ebitaliiko kye bigasa.*

*Kyenaava . . . neeyongera okuwoza nammwe, bw'oyogera MUKAMA, era ndiwoza n'abaana b'abaana bammwe.*

*Kubanga . . . muwuguke mugende ku bizinga bya Kittimu, mulabe; mutume e Kedali, mwetegereze nnyo; mulabe oba nga waali wabaddewo ekigambo ekyenkana awo.*

*Waliwo eggwanga eryawaanyisa bakatonda baabwe, abatali . . . bakatonda naye? Naye abantu bange bawaanyisa ekitiibwa kyabwe olw'ekyo ekitaliiko kye kigasa.*

Samaalirira ekyo, ggwe eggulu, otye ekitatiika, . . . owuubaale nnyo, bw'ayogera MUKAMA.

*Kubanga abantu bange bakoze ebibi bibiri; bandese nze oluzzi olw'amazzi amalamu, ne beesimira ebidiba, ebidiba ttanka ez'omu ttaka, ebitayinza kubaamu mazzi.*

10 Mukama ayongere omukisa ku kusoma kw'Ekigambo Kye. Kati nja kwagala oku—okutwala eky'okuyigako ekye, *Ebidiba Ebyasimwa*.

Amakya gano tubadde tusoma Ekyawandiikibwa kino; ekiri nti, byonna Ebyawandiikibwa biweebwa na ku luŋŋamizibwa. Tujja mu nnyumba ya Katonda okuwabulwa n'okutegeera. Emirundi mingi tulaba e . . . obutabaawo kantu konna mu lugendo.

Ng'omusajja ono omujaasi, emabegako awo, yayogera naffe n'agamba nti ebintu ebimu, nti oba oli awo amawanga agamu galina eby'okulwanyisa nnamuzisa, oba—oba ekintu kyonna eky'engeri eyo, kale tuba tulina okunoonya ekinaakizikiza mu ngeri—mu nteekateeka y'eby'ekijaasi.

N'olw'ekyo, ekintu kye kimu eri ekkanisa, mu kitundu omuntu w'abuulira, oba bw'aba nga mubuulizi wa njiri ey'ebweru. Bw'alaba bigolokoka, nga kitandiikiriza, mu bwangu, nga kitandiikiriza oba kyonna kye kiri; kiri eri omusajja oyo, bw'aba aweereza Katonda, okumenya ekintu ekyo okukiggya mu mitima gy'abantu ne bakiviirako ddala. Era ekyo tetwagala kibeewo, ffe okubeera mu kintu ng'ekyo.

11 Kaakati, wano mu kiseera kya Yeremiya, obunnabbi bwe, gyali nga emyaka nkaaga okufa kwa Isaaya—Isaaya nga kubaddewo. Era baatwala ebbanga lya myaka nkaaga nga tebalina nnabbi wa maanyi. Kaabakuuku yaliwo n'abamu ku bannabbi abataali ba maanyi nnyo, naye Isaaya ye yali nnabbi ow'ekitalo eyasembayo. Kati mu kiseera kino, abantu baali tebalina muntu yenna okubayitayo, baali tebakyusa. So ng'ate, baali bantu ba Katonda, kati nga bagudde mu katyabaga kano mwe—tubasanga, nga Yeremiya ajja okulagula gye bali. Yeremiya naye yali . . . Yalagula nga tebannawaŋŋangusibwa, era naye yagenda nabo mu buwaŋŋanguse.

Ate olwo, butereevu, Danyeri n'ajja Yeremiya ng'agenze. Danyeri n'agamba nti yalina okutegeeza, kw'Ebyawandiikibwa, olw'emyaka ensanvu gye baalina okubeera eyo.

Era, mu bo mwalimu nnabbi omulala, eyayagala okukola ekikoligo kino, okukissa ku kibegaabega kye, ng'alowooza nti kijja kuba kintu kyangu, ng'agamba, “Kale, mu myaka ebiri, Katonda agenda kubazzaayo,” naye Yeremiya yamanya kya njawulo ku ekyo. Era tumanyi kiki ekyaba ku nnabbi eyalagula ebikyamu, yafa mu mwaka ogwo gwennyini. N'olw'ekyo Katonda teyamuganya kusigalawo.

12 Era kati twetegereza enkola z'abantu mu kiseera ekyo. Kati sibaagaliza kuntegeera bubi (si—si kye ŋŋenderera) mu ekyo kye ŋŋenderera okwogera wano, Ebyawandiikibwa ebimu n'obuwandiiko butono.

Nnateranga obutayagala ku—okuwandiika Ebyawandiikibwa byange n'ebirala. Naye nga wayise obutikitiki abiri-mu-butaano, olwo, nga—nga si bijjukira nga bwe nateranga okuba, n'olw'ekyo mpandiika Ebyawandiikibwa, okuva mu ekyo, engeri y'okumanya gye ndaga. Kati olwo ebiseera ebisinga mbimalira mu kusabira balwadde, n'ebiri bwe bityo, kufuluma na kugenda, siba na budde kubiyitamu nga bwe nteekwa okukola.

13 Kaakati, nnabbi w'ekiseera kino omukulu, yali Yeremiya, era yali wa ku lubu lwa ba Amosi ne ku bannabbi abalala bangi abaagolokokanga. Yasiikuulwa bwe yalaba embeera y'eggwanga. Kati waaliwo ebifo . . .

Emirundi egimu bw'oba ng'oyogera ku ggwanga, oyinza okulowooza nti kigenda eri e—ekibiina ekimu. Kiba kifaananyi kya ggwangwa lyonna. Leero, tukizuula, e—leero kisingako ne bwe kyali mu nnaku za Yeremiya, nti eggwanga lyennyini, lyonna wamu, liyingiridde ddala, oba n'okusingawo, mu ngeri, y'okusinza ebifaananyi; mu ngeri eyo, nandigambye, bavudde ku Katonda. Kati ekyo okukolebwa, kivudde ku kituuti. Kubanga, singa ekituuti kibadde bulungi, n'Ekigambo kya Katonda, Katonda yandibadde mu buli kkanisa nga bw'ali naffe wano. Naye ekyo bakivuddeko. Kati ekyo ky'ekintu kye nja—njagala okwogerako enkya eno. Era kati tukizuula nti ekyo kituufu ddala mu buli mulembe.

14 Nzikkiriza yali Amosi, nga bwe nnamujulizaako gye buvuddeko, bwe yagamba nti “teyali nnabbi, newankubadde omwana wa nnabbi.” Naye yagamba, nti, “Empologoma bw'ewuluguma, ani ataatye?”

Omuntu yenna bw'aba nga ddala yali awulidde ku mpologoma yennyini ng'ewuluguma mu ddungu, zino ze muwulira mu buguli zinyiziira bunyiziizi. Naye emu bwe wulugumira mu ddungu, buli kimu kiwuliriza. Nagendako mu kibira, okuziyigga. Era ye Kabaka w'ensolo, kati, empologoma eyo bw'ewuluguma, n'ebivuuvuumira bisirika, buli kimu bwe kikola. E—e—ebibe n'e—empisi ezireekaana, n'ensolo endala, n'okunyiiziira kw'ebisodde n'enkima, n'amavuuvuumira, oyinza obuteewulira ng'olowooza; naye leka empologoma ewulugumireko ku kabanga akawerako, buli kivuuvuumira kijja kusirika. Olaba, buli kimu kimutya. Ng'ate, waliwo ebintu bingi ebiyinza okugitta, naye mu nsolo emannyiddwa nga kabaka.

Yagamba, "Empologoma bw'ewuluguma, ani ataatye?" Era nti, "Kati Katonda ayogedde, ani ayinza obutalagula?"

Kati kyo, ndowooza nti, y'embeera ezzeemu okusoomoozebwa leero. Katonda ayogedde. Olaba? Tulabye obuwandiike ku kisenge, n'olw'ekyo kyangu nnyo okulagula n'okulaba nti tuli mu kiseera eky'enkomerero.

15 Era tulaba Katonda mu buli kitundu ky'ekibiina ky'eddiini, okuviira ddala mu Bukatoliki, okuyitira ddala mu makanisa g'ekipolotesitanti, ba Buddha na buli kimu, okuva mu India, n'awalala. Akuŋŋaanya abantu be, abakuŋŋaanyiza wamu. Era ndi—ndi musanyufu olw'ekyo, okulaba amakya g'olunaku luno. Kati ffe . . . kya—lunaku lwa kitalo, ogumu ku mikisa egy'amaanyi.

Nti, singa kyali, singa nnakimanya ng'ensi tennabaawo, bwe twali nga tukyali myoyo ekitundu ku Katonda, era kye tuli, kuba twali naye ng'emisingi gy'ensi teginnabaawo. Kubanga, waliwo engeri emu yokka ey'obulamu obutaggwaawo, nga ye Katonda. Era tuli kitundu ku ye. Tetwali ba kitalo nnyo okubeera nga tumanya ne—n'okulowooza n'okuba abantu; naye twali mu ndowooza ye ey'ekyo kye twali, ng'emisingi gy'ensi teginnabaawo. Kubanga, tuli kitundu ku ye, nga mutabani wange bw'ali ekitundu ku nze, nange ndi kitundu ku kitange, n'ebirala. Tuli baana ab'obulenzi n'ab'obuwala aba Katonda, olw'okumanyirawo kwe okw'edda.

Edda eyo, singa nakimanya nga bwe nkimanyi kati, nanditunuulidde ekiseera kyonna, kati bwe yandimbuuzizza, "Oyagala kumala bbanga ki mu bulamu?" Nandigambidde ddala ekiseera kino kyennyini kati, eky'okundeboolebo ya—ebyafaayo by'ensi nga bikomekkerezebwa, olwo Obwakabaka bwa Katonda obw'okujja buteekebweewo ku nsi. Nsuubira ky'ekiseera ekisinga okuba eky'ekitalo mu mirembe gyonna, kye kino kati.

16 Wano tukiraba nti nnabbi yali anenya Isiraeri, Katonda bwe yamulonda n'amutuma. Baali banenyezebwa olw'ebibi ebibiri. Era twagala okwogera ku bintu ebyo ebibiri bye baali bakoze. Era, okuva mu ekyo, twagala tubeeko kye tufunamu. Kati, baali bavudde ku Katonda, Oluzzi olw'amazzi amalamu, nga beesimidde ebidiba. Baali bavudde ku ekyo Katonda kye yabawa, nga beesimidde ekintu kye baali beekoledde bennyini. Ebidiba bino, bwe weetegereza, bye baalina, byali byawumuka, nga bitonnya.

17 Kaakati, ekidiba ekisime tekisobola kukuuma mazzi. Kijja kutonya. Nnakulira ku ddundiro ly'ebisolo, era mmanyi ki ekidiba ekikadde kye kiri, n'obuzibu bwe twabifunangamu.

Kati ekibiba kino ekitonnya kye—ky'ekifaananyi ekituufu, kye ndowoozezzaako, eky'olunaku luno, nti ebyaffe byonna bye tugezezzaako okukola, okuteeka abantu awamu, okukuŋŋaanya abantu awamu, okukuŋŋaanya ekkanisa awamu, bulijjo bigenze mu ssa ly'okutegeera kw'okufuba kw'obuntu. Tugezezzaako Abamethodist okubafuula Ababaptist, n'Ababaptist okubafuula Abamethodist, n'ebibiina by'amadiini eby'enjawulo. Okusookera ddala, eyo si ye yali entegeka ya Katonda.

18 Katonda alina ekifo kimu kyokka w'asisinkanwa. Yagamba eyo mu kitabo ky'Okuva, nti, "Nneerobozza ekifo okutuuza omwo Erinnya Lyange, era ekyo ky'ekifo kyokka we naasisinkananga abantu." Yali yeerobozza ekifo aw'okutuuza erinnya lye. Era we yatuuza erinnya lye, awo we yasisinkananga Isiraeri. Alina ekifo w'asisinkana ekkanisa ye leero, yeeroboza erinnya eryo, era erinnya eryo ye Yesu Kristo. Awo w'asisinkana abakkiriza abatuufu, bw'aba mu Yesu Kristo. Awo Katonda we yeeroboza okutuuza Erinnya Lye.

Mugamba, "Erinnya lya Katonda?"

Yagamba, "Najja mu linnya lya Kitange." N'olw'ekyo, awo Katonda we yateeka Erinnya Lye, ye Kristo. Era mu Kristo awo we tusisinkana wansi w'Omusaayi ogwayiika, olwo ne tuba n'okukuŋŋaana okutuufu, okwannamaddala.

19 Ku lubereberye Katonda yakola entegeka ye, mu lusuku Adeni, ekifo we yasisinkananga omuntu, era ekyo tekyali ku kutegeera kw'amagezi ag'obuntu; singa bwe kyali, butereevu Kaawa yandibadde mu nteekateeka ye. Naye tumanyi nti okusalawo kwe okukkiriza obukujjukujju bw'amagezi ga Setaani, "Mazima ddala, Katonda tajja kukikola," so nga Katonda yali agambye nti ajja kukikola! Kati olwo bw'atyo ne yeeroboza ekifo eky'obununuzi, era kyali lwa Musaayi, si na ndowooza y'okutegera kw'amagezi ag'obuntu.

N'olw'ekyo tumala biseera, naye nkola ya butonde bwa muntu oku—nti abantu bajja kugezaako o—ekyo okukikola. Singa tubadde n'obudde, twandikimenye akawonvu n'akagga, naye saagala kubatika kapeesa ako. Kale tujja kugezaako okulaba nga tukigondeza ddala, "ebidiba ebitonnya." Era tukiraba nti—mazima ddala weekiri nate, ky'ekifaananyi kye kimu eky'omulembe gwaffe gwe tulimu, mu kufuba kwaffe kwonna.

Kino kizingiramu enkola yonna ey'omuweereza wa Katonda, kasita aba ng'akowoola erinnya lya Yesu Kristo. Yandibadde aweebwa ekitiibwa olw'okussa obussa ekitiibwa mu erinnya lye. Newankubadde nga tulina enkola ey'okubuulira enjiri ey'ekitalo eyeetoolodde wonna ku nsi, n'ebirala, mu nnaku zino, nsuubira, era tetujja kusobola kuteeka bantu mu mutima gumu okutuusa nga tubatadde wansi w'omusaayi gwa Yesu Kristo. Ekyo ky'ekifo kyokka we tuyinza okubeerera n'obukuumi.

20 Emabegako awo waliwo eyankubira essimu, okuva e buvanjuba, ng'agamba, "Ow'oluganda Branham, nawulira wasenguka n'ogenda e—mu Arizona, era wakola e—eyo ekifo awali obukuumi." Kati nga bwe mumanyi engeri obubaka gye bwajjamu, Mukama yambuulira ekigenda okubaawo mu Alaska, n'eyo yonna mu California nga bwe kiribeera, ate ne kibeerera ddala bwe kityo. Ne bagamba, "Kati oba ekyo kigenda kunyeenya, n'ebiri bityo, aw'okuddukira ye wa?"

Ne mbagamba, "Waliwo ekiddukiro kimu kyokka kye mmanyi. Nga ye Kristo. "Eri abo abali mu Kristo, bajja . . ." Ye yekka gwe mmanyi.

21 Kati ne Yeremiya, naye yayitibwanga, "nnabbi akaaba." Kati kuba, nzikiriza, ekyo kyamufuula nnabbi akaaba—akaaba, manyanga, olw'okuba nnabbi (era Ekigambo kya Katonda kijjira abo) ate ng'alaba abantu bagoberera obulombolombo bwabwe, ne balowooza nti bali bulungi, nga talina ngeri yonna ya kubakyusa.

Kuba, baali bateekwa kutwalibwa mu buwaŋŋanguse, kubanga tukimanyi nti ky'osiga ky'okungula, nga tofuddeeyo ku ani, kiki ky'oli. Kati ffe ng'eggwanga tukungudde . . . manya, oba tusize, tuteekwa okukungula. Enkya, Katonda ng'ayagadde, nja kwogera, ku Kulumwa Okuzaala; era nja—ekyo nja kukikwatirako eyo, tetusobola kuviiramu awo. Tuteekwa okukungula kye twasiga.

Era singa Katonda atuleka ne tugenda n'Obukulisitaayo bwaffe obukyamu leero, nga tukyamizza abantu mu bintu bino bye tuyita Obukulisitaayo, nga ow'oluganda Moore lumu bwe yayogera, "Mu buntu kiba kimukakatako okugolokosa Sodoma ne Gomola, abeenenyeze okubookya." Bwe kiri, kubanga Katonda mwenkanya. Obutali bwenkanya we bujjiramu; ki—kiba butuukirivu bwe n'Ekigambo kye okuleetera abantu okukungula ekyo kye baasiga, era ekyo tuteekeddwa okukikola.

22 Kati laba baali bamulese, oluzzi olw'amazzi amalamu, nga beesimidde ebidiba.

Kati wano wayinza okubaawo omuntu atamanyi kidiba. Ekidiba ye ttanka eyakolebwa omuntu

ekigezaako okutwala ekifo ky'oluzzi. Kintu omuntu omu kye yasima. Kati bameka abamanyi kiki ekidiba kye kiri? Kirungi. Ky'ekyo, enkya eno bangi ab'omu ggwanga lino. Kale baali . . . Nzijukira ekidiba ekikadde eyo, engeri gye kyalabikangamu, lubeerera natyanga okukinywamu. Kyali—ttanka eyakolebwa omuntu. Era tekyesigika. Tosobola kwesiga kidiba.

23 Kati ekintu kyonna omuntu kyakola bulijjo tekiba kirungi nnyo. Naye nga—nga Mukama bwe yateekawo ekiseera mu—mu—mu nkulungo yaakyo, ensi mwe yeetooloolera; buli mwaka, buli kiseera enjuba esala, buli lunaku, buli ssaawa, era n'egolooba, teremererwangako. Naye bamulengera baffe abasingayo be tusobola okufuna, tewali kubuusabuusa, bajja kulemererwa emirundi mingi mu mwezi. Naye, mulaba, buli kintu Katonda ky'akola kituukiridde, naye ekyo omuntu ky'akola tekituukiridde. Kale lwaki okkiriza ekyo omuntu ky'akola, ng'osobola okufuna ekituukiridde?

24 Ekyo bulijjo tukyegambenga ffe abantu Abapentenkoote. Olaba, tumanyi, era tetuli—ddala tetuli bweru wa ntegeka ya Katonda, tetukkiriza; naye era tumanyi nti mu ffe mulimu abantu abagezaako okugeegeenya abantu bali. Ekyo kya buntu. Bajja kugezako ekyo okukikola. Baakikola mu Bayibuli, "Abamu, 'ndi wa Pawulo,' 'ndi wa Siira," n'ebirala. Naye, bo, bagezaako okugeegeenya omuntu omulala kye yakola oba ky'akola.

Naye lwaki okkiriza okugeegeenya okukyamu, ng'obwengula bujjudde ekintu ekyannamaddala, ng'ate "okusuubiza kwammwe n'abaana bammwe"? Lwaki tukkiriza ekintu ekyali eky'enjawulo? Lwaki tutwala ekikwate oba ekiyiiye, nga Bayibuli ky'Ekigambo kya Katonda ekitayonooneddwa? Lwaki tugezaako okugattako oba okutoolako, nga Mukama Yesu yayogera mu Kubikkulirwa 22:18, "Omuntu yenna bw'aggyangako Ekigambo kimu, oba bw'ayongerangako ekigambo kimu, omugabo gwe guliggyibwako mu kitabo eky'obulamu"?

25 Mu kusooka Katonda bwe yali ng'ateekawo olulyo lw'omuntu ku nsi, yabagamba kubaawo lwa Kigambo Kye. Kati Ekigambo kya Katonda kiringa lujegere, kikusomosa amagombe; obugonvu bw'olujegere bwe bulungi bwalwo, era Katonda ayagala tukwate buli Kigambo kyalwo. Kati okwo kwe kwali okusooka

kwa Bayibuli; kumenyako bumenyi Kigambo kimu, kyatwala olulyo lw'omuntu mu kizikiza ky'okufa.

Yesu yajjira mu makkati ga Bayibuli, n'agamba, "Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, naye na buli Kigambo." Si kitundu ku Kigambo, oba kyenda-mu-mwenda ku kikumi; naye na buli Kigambo, ddala nga Kaawa ne Adamu bwe baali.

Era ku nkomerero ya Bayibuli, Kubikkulirwa 22:18, yagamba, "Omuntu yenna bw'anaggyangako Ekigambo ku kino, oba okugattako ekigambo kimu!"

Kale lwaki twagala okuyingizaamu ebintu by'endowooza y'omuntu, so ng'ate kino y'endowooza ya Katonda yennyini ku kyo? Twagala kutwala ekyo kye yagamba. Ate era kyawandikiibwa, "Leka buli kigambo kya muntu bubeere obulimba, ekyange Mazima."

26 Ekyo kye kyali ku bannabbi. Mu nnaku za Yeremiya, yali nnabbi, yalina Ekigambo kya Mukama. Era omusajja ono yagezaako okubaako ne ky'akinyigamu, kati tekisobola kwesigika. Era kati ngeraageranya ttanka zino n'enkola zino ze tugezaako okutwala, okutwala ekifo ky'Ekigambo kya Katonda nnakabala.

Kuba, tewali kisobola kutwala kifo kyakyo. Ye Katonda. "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Era Kigambo yayambala omubiri naabeerako gye tuli." Mu Abaebbulaniya 13:8, wagamba, "Aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Ekyo tuyinza kukyeggyako tutya? Ge gateekwa okuba amazima. Aba bumu. Abeera bumu mu buli nkola.

Eyo y'ensonga lwaki okisanyukira, Ababaptist n'Abamethodist, Abakatoliki n'Abapresbyterian, n'abalala, basanyukira okubeerawo okwo. Mu ggwe, awantu, okkirizza Katonda. Oba oli awo ekiseera ekimu mu ngeri y'okutegeera okw'obuntu, oba oli awo amaanyi ga Katonda gakuvaako, ate ng'oli muweereza wa Katonda; naye bw'oyingirira ddala mu Katonda, n'otegeera ekifo kyo mu ye, ng'omwana ow'obulenzi oba ow'obuwala owa Katonda, ekyo kye kireetawo akakwate ako gy'oli, ako Katonda yakakugenderera okuba nako.

27 Kati tulaba mu mutukuvu Makko, essuula ey'e 16, Yesu teyagamba nti, "Mugenda mu nsi zonna, mu—mu—muyigirize." Yagamba, "Mugende mubuulire enjiri." Okubuulira enjiri, kitegeeza, okwoleka amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu! "Mugende mu nsi zonna, mwoleke amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu."

Njogera ku w'oluganda, omu ku abo abaayamba ku . . . ku nkuŋŋaana zange mu India, eyo mu Bombay, okugendera ddala mu South Africa era ne mu bifo eby'enjawulo, eyo abaminsani gye baali bamubuuliddeko ng'ekigambo manya n'enkola yaabwe ey'okutegeera kw'obuntu. Naye lumu mu lukuŋŋaana, Omwoyo Omutukuvu yennyini, bwe yakka, nalokola bannansi enkujje emitwalo esatu mu lubuulira lumu, era mu kifo kyennyini we baali bayimiridde. Nga waliwo abakazi, abaali obwereere nga kumpi ddala bwe baazaalibwa mu nsi, mu kiseera ekyo kyennyini we baawanikira emikono gyabwe okwetwalira Kristo . . .

Era Omwoyo Omutukuvu n'akka awo n'awonya abantu emitwalo ebiri-n'ekitundu omulundi gumu, nga bava mu bugaali bw'abalema, nga bava ku butanda ne bayimirira. Mmeeya w'ekibuga n'ampulira, olunaku olwaddako, n'alaba ebimotoka ebitambuza emigugu nga biyita ku nguudo.

28 Abakazi nga bayimiridde awo, bali bwereere, nga tebakimanyi nti bali bwereere. Naye amangu ddala ng'Omwoyo Omutukuvu abasseeko, beezinga ne batambula ne bava mu maaso g'abasajja baabwe.

Kati neewuunya ffe ab'America engeri gye tweyitamu eggwanga Ekkulisitaayo, nti era tuli mu maaso ga Katonda; nga buli mwaka, bakazi baffe, beeyongera kweyambula. Nga balowooza nti beeyongedde okwambala obulungi. Gye weeyongera okwambala Kristo, gye weeyongera okubeera n'enkola ezizo wekka. Emirundi egimu ndaba abantu engeri gye beeyisaamu ku nguudo, neebuuza oba ddala bategeera bulungi. Kindabikira nti tebakitegeera nti bwe bakikola, ekyo kye baba bakola, baba basikiriza setaani, n'akusindika mmeeme zaabwe mu ggeyeena. Ky'ekyo. Bwe kityo ensi eyonoonese nga bwe kyali mu nnaku za Yeremiya.

29 Kaakati tuddeyo ku kidiba, kati, ekidiba kino tekiyinza kwesigika kubanga tekisobola kwejjuza kyokka. Kirina kwesigama ku nkuba eya bulijjo okukijjuza, enkuba eya bulijjo manya okudda obuggya okwa bulijjo, okufunako ku kudda obuggya katono wano n'okudda obuggya katono wali, oba ebiri bwe bityo, okukijjuza. N'olw'ekyo tekyesigika. Tekisobola kwejjuza. Nakyo, tekyemalirira. Tekisobola kukikola. Era kirina kwesiga nkuba, okukijjuza.

Kati katulabe wa we—gye kiggya enkuba yaakyo, gye kiggya amazzi gaakyo, ekidiba. Bwe gava mu luggya, n'eyera, obukyafu bwonna enfuufu bw'efuumuula, n'ebikulukusiza mu nkuba, bwonna mu kidiba, ttanka eyakolebwa omuntu. Ne kibeera kumpi ng'ekinnya kya kazambi. N'eyerera ddala awo ensolo zonna, olusu lwonna oluli mu luggya, n'ebirala, n'ebikuŋŋaanya. Empewo n'ebifuumulira mu—enfuufu n'ebikunnganyiza mu luggya, enkuba, kati enkuba eya bulijjo bw'ejja n'eyera, n'ebikuluggusa.

Olwo amazzi ne gakuŋŋaanyizibwa mu lugogo olwakolebwa omuntu okuyita mu mudumu ogwakolebwa

omuntu, ne gatuuka mu ttanka eyakolebwa n'omuntu. Kati bwe gatuukamu, nga mabi, amabi ennyo ng'olina kugateekako kasengejja, oba n'okuba nga tosobola na kuganywa. Kati, olaba, agamaze okwoza akasolya k'ennyumba, olugogo olwakolebwa omuntu, okuyita mu mudumu ogwakolebwa omuntu, ne gatuuka mu ttanka eyakolebwa omuntu. Ate era n'otekako akasengejja akaakolebwa omuntu, okulaba ng'ebiwuka n'ebintu ebirala tebigenderamu.

30 Kaakati, kati tukiraba, mu nnaku ntono ng'amazzi gamaze okugendamu, mu kibiina kino ekyakolebwa omuntu, manyanga ttanka. Munsonyiweko. Munsonyiweko. Kale. Oluvannyuma nga—nga bimaze okutwalibwa, engeri zonna ez'eby'obuyigirize bw'eddiini n'ebirala nga bikigenzeemu; kati olwo ne tukiraba nti, bwe kibeerawo ennaku ntono, kikongeera.

Omuntu yenna, amanyi ku byafaayo by'ekkanisa, Katonda bwe yabangako ky'aweerezza, ng'obubaka, nga kiba mmere okuva eri Katonda. Kati oluvannyuma—obulamu bw'omutandisi oyo, oba omuntu yenna; ka tumuyite omuddaabuluzi, oba kyonna ky'oyagala okukiyita. Bwe yafanga, baddiranga enkola ye ne bagikolamu ekibiina. Amangu ddala nga baakagikolamu ekibiina, awo wennyini we kyafiiranga. Tekyaddangamu kugolokola nate. Kibaddenga kikolebwa buli mulundi, bw'oba oddiddeyo ddala emabega.

31 Nga nzisa ekitiibwa mu kabona ono omukatoliki atudde wano; Katonda bwe yakola ekibiina mu kkanisa . . . manyanga, si kukola kibiina, Katonda teyakolako kibiina mu kkanisa. Tabeera mu nkola eyo. Ali mu kuzaalibwa, si mu kibiina, n'olw'ekyo Katonda bw'atyo bwe yatandikawo ekkanisa ku lunaku lwa Pentekoote. Kati ku nkomerero eyo e Nikyeya, Roma, ne bagikolamu ekibiina, awo we yafiirirwa amaanyi gaayo.

Kati olwo bwe tutuuka ku kuddaabulula kw'Abaluther, kyali ky'amaanyi. Ekigambo kya Katonda ekyabaweebwa, "Omutukuvu anaabanga mulamu lwa kukkiriza." Bwe baakikola, mu kifo ky'okugenda mu maaso, bonna wamu, bonna wamu ne bagenda mu maaso, beekolera kkanisa y'Abaluther, ne beeyawula ku kibinja kino, olwo ne kifa.

32 Awo Katonda n'agolokosa John Wesley, n'okutukuzibwa, obubaka obw'okubiri obw'omulimu ogw'ekisa, era ne kiba kya kitalo. Naye Wesley ne Asbury bwe baagenda, ne bakikolamu ekibiina, ne kifa.

Olwo ate ne wajja Pentekoote n'okuzzibwawo kw'ebirabo. Baali bakola bulungi, naye kiki ekyabaawo? Ne bakola ekibiina, ne kifa. Ddala nga bwe kibaddenga.

Kati wakati mu bino byonna, Katonda akyayita abo abasigaddewo okuva mu buli mulembe. Akikakasa. Kiseera kyaffe okufuluma, okukuŋŋaana. Ekyo kye nsuubira, aba Full Gospel Business Men bakoze omulimu gwa kitalo okumenya ebisenge ebiziyiza bino, nga bagamba, "Mu ffe temuli njawukana. Leka tukuŋŋaane tusinze Katonda wansi w'enkola emu, si wansi w'ekibiina." Singa kyali kibiina, nandivudde ku kituuti kino kaakati. Tewali kye mba nkikolako.

33 Engeri gye kirimu, eteekwa kuba ya kussakimu, si kussakimu okw'ebiyiiye. Naye okusseekimu mu Kristo, n'amaanyi g'okuzuukira Kwe, ekyo ky'ekintu ekireeta obulamu. Kireeta okuzaalibwa.

Ng'okuzaalibwa tekunnaba kujja, tukiraba nti wateekwa okubaawo okufa okuzaalibwa nga tekunnabaawo. Ate okuzaalibwa kavuyo, sifaayo oba kuzaalibwa kwa ngeri ki. Ka kibe kiyumba kya mbizzi, oba—oba wonna we kuli, kaba kavuyo. Bwe kutyo n'okuzaalibwa okuggya bwe kuli. Kukukozesa ebintu mu mbeera ya bulijjo by'otolozangako nti osobola okubikola. Naye bw'oba oli mwetegefu okufa, olwo n'ozaalibwa omulundi ogw'okubiri, ekitonde ekiggya mu Kristo Yesu, olwo ebirala, bigoberera obulamu ne buba bupya gy'oli, kubanga okkirizza Yesu Kristo mu bulamba bwe, si endowooza oba ekikwate.

Oba, ne ku Kigambo ekyawandiikibwa, kiteekwa okuba n'amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu. Sifaayo ku bimeka by'ovumbudde, biba bifu byereere. Nnyinza okuba n'olubatu lw'eŋŋaano; naye okutuusa nga kituuse mu mitendera mwe kiyinza okuzuukizibwa, eŋŋaano tesobola kuba nnamu. Bayinza okuba ne bakakensa abalina ziddiguli, Ph., LL., kyonna kye wandyagadde; naye okutuusa ng'Omwoyo Omutukuvu akisseeko n'akizuukiza gy'oli, ng'obumanyirivu mu Katonda ku bubwo, olwo eŋŋaano eba tegasa. Obuyigirize bwo buba bwa bwereere.

34 Ng'omusajja ono Omungereza bwe yagamba wano jjuuzi, kyampuniikirizza nnyo. Obuyigirize bwonna bwe yalina, nga Pawulo, yalina okwerabira byonna bye yali amanyi, okusobola okwetwalira Kristo, n'akola ebintu bye yali talowooza nti alibikola.

Naye eyo y'engeri Katonda gy'akolamu, atuweebuula mu nkola y'obuyigirize bwaffe. Si ng'agezaako okuwagira obutamanya, naye ngezaako kubalaga njawulo. Obuyigirize tebuleeta bulamu, kyetaagisa Mwoyo wa Katonda okuleeta obulamu, era obulamu obwo tebulina kuva mu kudda obuggya okw'endowooza yaffe ey'obwongo. Bulina kuva mu Bayibuli, okudda obuggya okw'Ekigambo, era Ekigambo ekyo kiba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Leero bwe kijja, kikuzuukiza, n'ofunira ddala kye kimu nga bwe kyali mu Bikolwa 2. lubeerera bwe kikola. Kiteekwa okubaawo, era bulijjo kigenda kuba, kubanga Omwoyo wa Katonda y'alagira embeera.

35 Kyetaagisa mbeera okukola ebintu. Eyo y'ensonga lwaki mmwe abasajja lubeerera mugambibwa, “Muleete abaana bammwe wano.” N'olw'ekyo mazima ddala, bwe kiri. Nasanyuse bwe nnalabye muwala wange, Rebekah, ng'ayingira n'atuula, eddakiika ntono eziyise. Abamu ku mmwe mwandabye nga ntemya ku mukazi, yabadde muwala wange, kale yayingidde n'atuula. Njagala abatizibwe n'Omwoyo, era y'ensonga lwaki ali wano mu lukuŋŋaana. Ekyo ky'ekigendererwa kyakyo. Kyetaagisa mbeera.

Nga namukadde ddokita Bosworth bwe yateranga okugamba, “Osobola okutwala eggi ly'enkoko n'olissa wansi w'akabwa lijja kwalula kakoko.” Lwaki? Kubanga ggi ate lyafuna embeera ennungi.

Sifaayo oba oli Mumethodist, Mubaptist, Mupresbyterian; mu mbeera entuufu, kijja kwalula omwana wa Katonda omuggya azaaliddwa. Mbeera, y'ekikola, sifaayo ku kakwate ka kibiina kya ddiini ki k'olina.

36 Nalundako ku nte. Nneetegerezanga omukuumi w'ekibira bwe nazitwalanga mu kibira eyo mu—eyo gye zaaliranga mu ddundiro, ne nziteeka mu kibira. Yayimiriranga awo n'azitunuulira nga bwe ziyingira mu mulyango, mpolampola ku lukomera. Teyafangayo nnyo ku bulambe, kubanga wabangawo obulambe bwa ngeri nnyingi obwayingirangayo. Naye waaliwo ekintu kimu kye yeetegerezanga, akabonera akalaga olulyo lw'omusaayi. Zaali ziteekwa kuba za lulyo lwa Hereford si ekyo nga tegendayo mu kibira, kubanga Hereford Association ye yali ekisasulira. Yali eteekwa okuba n'akabonero akalaga olulyo lw'omusaayi, okukuuma olulyo obulungi.

Kati nsuubira nti ekyo bwe kigenda okuba ku lunaku lw'omusango. Tagenda kumbuuza oba nnali Mumethodist, Mubaptist, Mupentekoote, oba Mupresbyterian, naye agenda kunoonya kabonero ak'olulyo lw'omusaayi. “Bwe ndiraba omusaayi ndibayitako.” Bwe kiri.

37 Kati tukiraba nti ebidiba bino, bwe bituulawo akaseera, ne biba . . . biremwa okukulukuta ne bitaba birungi. Olwo, ne bifuuka, era, bisulo bya bikere, amakonkome n'emisota, ebiwuka n'obuwuka, n'ebirala bingi, kubanga byassibwa mu mbeera ey'obutakulukuta. Oyinza okuteebereza, okwoza ku kasolya, oba ku nnyumba kwonna okwo, oba awalala wonna obukyafu we buyinza okubeera, ebiwuka n'obuwuka, n'ebiri bwe bityo byonna, ebikulukutira mu kidiba kino?

38 Kati, kyakulabirako ekirungi ku ngeri z'enkola ezaakolebwa abantu. Okusookera ddala, biremererwa. Y'ensonga lwaki yeetaaga Omulokozi. Yali tasobola kwerokola mwene, talina ky'ayinza kukolako. Eky'okusooka, yabula. Yazaalibwa mu nsi, ey'ekibi, yajja mu nsi ng'ayogera bulimba. N'eky'okusooka, mulimba, kale kiki ky'asobola okwekolera mu nsi? Ayinza atya okuba omutukuvu?

Tewali muntu mutukuvu. Tewali kkanisa ntukuvu. Mwoyo Omutukuvu ye yekka! Si kkanisa ntukuvu, abantu abatukuvu; Mwoyo Omutukuvu mu massekkati g'abantu, ekyo kye kiri. Amiina. Si olusozi olutukuvu Peetero n'abalala gye baali; olusozi terwali lutukuvu. Naye yali Katonda omutukuvu, ku lusozi, kye kyalufuula olutukuvu. Si omuntu omutukuvu; naye Omwoyo Omutukuvu akolera mu muntu oyo, kye kikifuula ekitukuvu. Si omuntu; naye Omuntu w'Omwoyo Omutukuvu! Teyali muntu; kubanga, ye muntu buntu, “nazaalibwa mu kibi, n'akulira mu kwonoona, najja mu nsi nga njogera bulimba.”

39 Enkola yonna eyakolebwa omuntu ejja kumukuuma bw'etyo; ajja kukiziba amaaso okukiggya ku kutegeera kw'amagezi ag'obuntu, amagezi ag'omubiri, bye bagamba, “ndi wa kkanisa, n'erinnya lyange liri mu kitabo. Nakola kino. Kitange yali kino, n'ebirala bingi.” Kiwulikika bulungi; ekyo, kye sirinaako, buzibu bwonna. Mukwano, naye era, Yesu yagamba, “Okuggyako omuntu ng'azaaliddwa omulundi ogw'okubiri, aba tasobola kulaba,” mulaba, awo, tekitegeeza nti alaba n'amaaso ge, naye, “kutegeera obwakabaka bwa Katonda.” Okutuusa ng'okizaaliddwamu!

Omubuulizi w'enjiri ono Omubaptist yandiyinzizza atya, omusajja oyo yandiyinzizza atya okuyimirira n'avumurira n'okukijerega? Olaba, mu ye temuliimu kantu kayinza kukisembeza; naye Katonda yalina okukikola, olaba. Katonda yamuwa Omwoyo Omutukuvu. Ekyo yakyoleka era tebwali bunnanfuusi, kino ky'Ekigambo. Akiwulirirako mu ndowooza ya ssomero, ne bagezaako okutwala—omukisa gwa Katonda gwonna ne bagussa ku kiseera ekyayita.

40 Gye buvuddeko katono wano, omuvubuka omubuulizi Omubaptist, ali ddala wano enkya eno, yajja gyendi, n'aŋŋamba nti, “Ow'oluganda Branham, waliwo ekintu kimu ky'okyamya.”

Ne mmugamba, “Nnyamba.”

N'aŋŋamba nti, “Ky'oli, nsuubira oli mwesimbu era omuntu omulungi, naye . . .”

Ne mmugamba, “Ssebo, weebale nnyo.”

N'aŋŋamba nti, “Naye waliwo ekintu kimu ky'okola mu bukyamu.”

Ne ŋŋamba nti, “Nsuubira Mukama yansangamu ekintu kimu ekikyamu.”

N'aŋŋamba, “Kale, waliwo . . . Ekyo ky'okola kye kikyamu.” Nti era, “Ogezaako okwanjulira ensi obuweereza obw'obutume, era, n'agamba, ”Obuweereza bw'obutume bw'akoma ku batume.“

Ne mmugamba, "Ng'Omubaptist ku Mubaptist, njagala nkubuuze ekibuuzo."

N'agamba, "Kiki?"

Ne mmugamba, "Okkiriza nti Ekigambo kya Katonda kiriko amafuta, mu buli kamu?"

N'aŋŋamba, "Kale, mazima ddala."

Kko nze, "Kale, Yagamba, 'Toyongerangako kigambo kyonna, oba okutoolako ekimu.' kuba," olwo ne mmugamba, "Nngenda kukulaga omukisa gw'obutume we gukkira ku bantu, n'ekisuubizo kya Katonda, kati ggwe ondage ekisuubizo kya Katonda lwe kyava ku bantu. Olaba, ekyo bw'oba tosobola kukindaga mu Kigambo, olwo—kyerabire, mulaba, nti era, "lwa kuba nga kikyagenda mu maaso."

41 N'asiriikirira okumala akaseera. Bwe ntyo ne ŋŋamba nti, "Kale, kati, ow'oluganda, njagala ku kubuuza kino. Peetero yayanjula obubaka obw'obutume, ku lunaku lwa Pentekoote. Era ffenna ekyo tukimanyi nti kituufu, kuba ye yalina ebisumuluzo by'Obwakabaka, Yesu yali abimuwadde. Kaakati laba kye yagamba. Yagamba, 'Mwenenye, buli muntu mu mmwe, mubatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo olw'okuggibwako ebibi byammwe, munaawebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu. Kubanga ekisuubizo kyammwe, n'abaana bammwe, n'abo bonna abali ewala, abaliyitibwa Mukama Katonda waffe.' Kati bwe waba waliwo we yakiggyiramu, kati kiki ekyaba ku bigambo bya Peetero ku lunaku lwa Pentekoote?" Mulaba? Nedda, tekikomanga!

Omwana gw'endiga omwagalwa ogwasaddaakibwa, Omusaayi ogwo ogw'omuwendo
Teguliggwaamu maanyi,
Okutuusa ekkanisa y'abanunule ba Katonda ng'erokose, obutaddamu kwonoona nate.
Bwe ntyo, ndiyimba, oluyimba olulungi,

Ndiyimba ku maanyi go agalokola,
Bambi olulimi lwange luno olw'ekirimi, olunanaagira
Nga lusirikidde mu ntaana.

Katonda wange nnyamba ekyo okukikkiriza n'okukinywererako, era naffe ffenna, ku lw'ekyo tuyimirire, kubanga y'enjiri ey'amazima! Yee, ssebo.

42 Omuntu omugezi tatunuulira bintu bino. Era mukimanye nti tebisobola kukola. Tebikolangako. Eddiini entegeke n'obumanyirivu obutegeka tebiyinza kukola mu maaso ga Katonda. Kirina okujja, okuva eri Katonda, nga tekitabuddwamu. Katonda takikozesangako, tewali kiseera mu ebyo ebyayita Katonda lwe yali akozesezza ku nkola bw'etyo. Oh, kati mmwe, mu kuŋŋaanya bammemba n'ebiri bityo. Naye ntegeeza ezzadde lya Katonda erya nnamaddala, omukisa ogulinga ogwo ogwakka ku lunaku lwa Pentekoote, tekijjangako na kukola kibiina; kijja na kukkiriza, ng'ozaalibwa omulundi ogw'okubiri.

43 Tusabiddwa okutwala Isiraeri nga—ng'eky'okulabirako, kye baali. Weetegereze, "Baali bamuvuddeko, ensulo yaabwe ennamu, nga beesimidde ebidiba." Oyinza okulowooza ku—ku—ku—ekintu, omuntu bw'aba ku luzzi olw'ensulo, ng'anywa, kati n'ayagala yeesimire ekidiba, eky'okunywamu, olaba? Kati ekyo nnabbi kye yagamba, ekyo Ekigambo kya Katonda kye kyagamba. Ekyo Katonda kye yagamba nnabbi. "Mundese ne—mundese, oluzzi olw'amazzi amalamu; ne mwesimira ebidiba, ebiwomoggose ng'ate bitonnya."

44 Mukiraba. Baayagala ekintu kye basobola okufuga, oba okulaga kye baali bakoze. Ekyo bwe—obwo bwe bwonoonefu bw'eddiini entegeke. Lubeerera efuba, ziteekwa okubaamu ekintu mu zo. Ziteekwa okubaamu enkola zino n'ebibiina, n'ebirala, "Kati ndi wa kino." Mu kifo ky'okubeera abaana ba Katonda abeetoowaze, baagala ekintu kye beekoledde bennyini. Mu kifo ky'okuleka Katonda Akyekolera mu ngeri Ye, baagala kukyekolera mu ngeri zaabwe. Era eyo y'engeri enkola gy'ekozeemu ekkanisa leero. Si . . . Buli nkola, emu ekyagala bw'eti, endala ekyagala bw'etyo. Presbyterian, Obukatoliki n'ebirala. Balina enkola zaabwe. Si bibi, naye ebyo si bye njogerako.

Omuntu alina engeri ye gy'ayagala okukikolamu, ne Katonda alina engeri ye gy'akikolamu. Era yagamba, "Mulemedde ku ngeri zammwe, ebidiba ebiwomoggose, ne mugaana enkola yange, ekkubo ery'obulamu."

Kati kye kintu kye kimu ne leero. Kitabuddwatabuddwa. Lowooza ku busiru bw'omuntu okuleka ensulo y'amazzi amalungi agakulukuta, n'ayagala okugenda ku kidiba ekisimirire kye yeesimira, n'asima ekidiba, n'obukyafu bwonna obwali mu luggya nga bukulukusiddwa muli, n'anywa ebyo. Mazima obwongo bw'omuntu oyo bubaako ekikyamu.

45 Kati singa omuntu aneenywereza ku—ku ndowooza y'eddiini eri Ebyawandiikibwa, mu kifo ky'okukkiriza Omwoyo Omutukuvu ayoleka Ebyawandiikibwa n'akifuula kya nnamaddala gy'oli, omuntu oyo abaako ekikyamu ku by'omwoyo. Ddala bwe kiri. Mazima, Omwoyo Omutukuvu! Buli kimu kirina enzivuunula yaakyo eya Bayibuli, nti ekyo ky'olowooza kituufu. Katonda tayagala buyambi bwo. Katonda tayagala kuvvuunula kwo.

Katonda ye yevvuunulira. Katonda avvuunula mu ngeri—mu ngeri gy'agamba nti gy'ajja okukikolamu. Ku lubereberye Mukama yagamba, "leka wabeewo ekitangaala," ne kibaawo. Ekyo tekyetaaga kuvvuunula. Ekyo Katonda kye yakola. Yagamba, "embeerera eriba olubuto," ne kiba. Ekyo tekyetaaga kuvvuunula. Katonda avvuunula Ekigambo kye ng'akyoleka, okukiraga, n'okukikakasa.

46 Eyo y'engeri nnabbi gye yakakasibwangamu okuba owa Katonda. Yagamba, "Mu mmwe bwe mubaamu, ow'omwoyo, oba nnabbi, nze Mukama ndyemanyisa gy'ali mu kwolesebwa, nga njogera naye mu birooto. Kati buli ky'anaayogeranga ne kibaawo, olwo mumuwulirenga, naye bwe kitaba, temumuwuliranga."

Ky'ekintu kye kimu Katonda bw'ayogera Ekigambo kye, olwo omuntu n'agamba, "Ekigambo kye kino," ne kiba, olwo Katonda y'aba akikoze.

Naye bw'agamba, "Kiri bwe kiti, ennaku ne ziyitawo," kale ne kimala . . . N'atoola omugaati, mu mukono gwe, n'aguwa abaana, ate n'agubaggyako; enjala n'ebaluma. Lwaki mwagala okunywa mu kidiba ng'oluzzi olw'ensulo weeruli?

47 Kati ensulo ey'Obulamu ky'eki? Ensulo ey'Obulamu ky'eki, ensulo ey'Amazzi amalamu? Lwe luzzi olw'ensulo, lwe twandikifaananyizza.

Njagala mwetegereze enjawulo wakati w'ekidiba n'ensulo ey'amazzi amalamu; oluzzi olw'ensulo, n'ekidiba ekikadde ekyawomoggoka nga kijjudde ebiwuka, amakonkome, ebikere, obuwuka, n'ebirala bingi, mukiraba.

Kati laba oluzzi olw'ensulo. Kati weetegereze kino. Lwebeezaawo. Tekikwetaagisa kufuna nkola ya kitalo nti ogiteekemu ssente nnyingi. Tekikwetaagisa kwegatta ku bammemba bangi. Luyimirizaawo bammemba baalwo, abalina Omwoyo ow'Obulamu mu bo, ng'akola.

Weetegereze amazzi agaluvaamu, malungi, malongoofu ate mayonjo. Si kidiba, ekintu ekitakulukuta ekyateekebwamu endowooza ng'ana, oba ataano, nga bagamba, ekyo kituufu, ne kino kituufu, n'endowooza eno," ne bakuba akalulu ne bakikola, nga bwe bakikola, olwo ne bakikolamu ekibiina ky'eddiini. Kitukuvu ate kiyonjo, Ekigambo kya Katonda ekitatabuddwamu, nga kiva mu mikono gya Katonda. Mazima ddala oluzzi olw'ensulo.

Weetegereze, ekyama ky'amaanyi gaakyo gali mu kyo kyennyini. Omuntu tasobola kugalaba. Ng'ekisuukunda, mu kyo, ekikireteera okusukuma waggulu.

48 Nzijukira, bwe nnateranga, nnali mukuumi wa bisolo mu Indiana. Nnateranga okugenda, mu ssaza ly'e Harrison, ku luzzi, ensulo. Lwabimbanga. Kati nga, oh, lwalabikanga ng'ekintu ekisingayo obusanyufu. Oba olufu lwagudde, omuzira, gukutte, nga bunnyogovu butya, nga lwo lubimba; ng'ebidiba ne ttanka enkadde ezaakolebwa n'abantu, ezirimu ebikere n'ebirala, byali wabweru eyo nga bikutte omuzira, ng'ejjinja.

Ekyo kiraga nti ekibiina ky'eddiini kyonna, olw'obutaba na Mwoyo, oba enkyukaakyuka yonna, kijja kunnyogoga. Naye oluzzi olw'ensulo ya Katonda, abeera—aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Kikuuma ebintu nga bibugujja n'okukitwala mu maaso. Okusookera ddala, tekiriimu kantu konna. Amangu nga kyakakiyingiramu, kigenda kukisukuma ebbali.

49 Ekintu kiri kyabimbanga bwe kityo, nnagamba, lumu bwe nnali nga ntudde awo, nti, "Nsuubira nsobola okwogerako n'ensulo eno, katono." Nnaggyako enkuufiira yange, ne ngibuuza, "Kiki ekisanyusizza? Kiki ekikusuukunda? Ndowooza kiri lwa kuba amalubu gakunywako, kya lumu."

Singa lwali lusobola okwogera, lwandinzizeemu nti, "Nedda." Ne ŋŋamba nti, "Nsuubira lwa kuba nywa ku ggwe."

"Nedda, si ky'ekyo."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, lwaki otukula nnyo, oli muyonjo nnyo? Kati ki—lwaki obimba, ekyo ekikubimbisa, buli kiseera ng'olimusanyufu, nga tewali kisobola kukunnyogoza? N'obuukabuuka mu bbanga, nga mu ggwe temuli kantu konna; amazzi amayonjo."

Singa oluzzi olwo lwayogera nange, omanyi kye lwandigambye? Lwandigambye, "Ow'oluganda Branham, si nze mbugujja. Mu nze mulimu ekintu, ekibugujja." Kati bwe kityo bwe kiri. Ekigambo ekyo bambi, naye mumanyi kye ntegeeza.

50 Eyo y'engeri gye kirimu eri obumanyirivu bw'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Tosobola kukiziyiza. Lu—luzzi olw'amazzi mu ggwe, nga lubugujjira mu bulamu obutaggwaawo. Olaba, waliwo ekikiriko, ky'otalina kya kukikolera. Ttanka ezaakolebwa abantu ziyinza okukwata omuzira, nga bisabiriza okudda obuggya n'ebiri bityo; naye omuntu ali wansi w'ensulo eyo, abeera mu nsulo eyo, abeera nakyo emisana n'ekiro! Ddala, tekikwetaagisa kulindirira nkuba eno eya bulijjo n'okudda obuggya okwa bulijjo. Kiri mu ggwe.

"Ndimuwa ensulo ey'amazzi, mu ye, ng'ebugujja." Waliwo ekikirimu, ekiba ekiggya buli lunaku, kitukuvu, ng'ate kiyonjo. Kigambo kya Katonda ekitayonooneddwa mu mutima gwo ne mu kamwa, nga kyeyoleka, nga kyeyogerera. Sifaayo oba etonnya, oba ssuulwe, oba obudde buli butya, osigala oli musanyufu kubanga Omwoyo Omutukuvu akulimu abugujja. Weetegereze. Maanyi amakusike. Oh, ekyama kyalwo kiri muli.

51 Lwewaayo, buwa, eri buli yenna ayagala okunywa n'okukozesa ebyalwo. Kati tosalawo, n'ogamba, "Kale, kati nnina kugenda mu kkanisa ya Methodist kubanga ndi Mumethodist, okufuna okudda obuggya. Nnina kugenda eno, naye (bwe) nnina kugenda mu Pentekoote kubanga nnazzibwa buggya mu Pentekoote." Nkubuulira, bw'ofuna oluzzi olwo olw'amazzi agakulukuta, ensulo eyo, bw'oba ng'omwo mw'onywa, tekirina kye kikukolako, owangula buli kimu ekijja. Oba mwetegefu okuwa essuubi ly'obulamu eri Omukatoliki, Omupolotesitante, Omuyudaaya, Omukaafiiri, oba omuntu yenna. Kubanga ddala, obaako ky'olina mu ggwe, ekiba kikikola.

52 Lwetegerezeeko na kino, tekikwetaagisa ku lusunda. Teweetaaga ku lusika na ku lusunda. Nnalaba bingi ku ekyo n'okutuusa lwe byandwaza, okukisunda; nga nnyimba, bwe mbuuka, oba—oba ebiwandiiko ebiwerako mu kibuga, n'ebipande eby'ekitalo, "Omusajja wa leero."

Omusajja wa leero ali omu yekka, nga ye Yesu Kristo, abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Waliwo omubaka omu yekka okuva eri Katonda, era nga ye—ye Kristo Yesu. Yee, ssebo.

Tekikwetaagisa ku kisunda, oba okukisika. Oh, nedda, si ku kyegattako. Otwala kitwale, ku bwereere. Amiina. "Mwandeka Nze, ensulo ey'amazzi amalamu; ne mwesimira zi ttanka." So nga tekikwetaagisa kukisunda, kusunda, kusika, ne weegattako, kukisima, wadde ekirala kyonna. Olina kukitwala butwazi, ku bwereere.

53 Tekikwetaagisa kukozesa magezi ga muntu yenna ng'akasengejja, okukubuulira kiki kye kyetaagisa, oba kye ky'akola. Tewali. Amagezi agamu agaakolebwa n'abantu ag'engeri y'enjigiriza ezimu, obutuukirivu bwo ku bubwo mu ddiini ku kino, mu kino, oba ekidiba kyonna eky'enkola y'eddiini; tokyetaaga. Tekeetaagisa. Bw'okisengejja, kijja kubikasuka eri mu bbanga. Sirina kye nnyinza kukikolako. Kyeyimirizaawo kyokka! Maanyi ga Katonda agakulukutira mu bulama. Kale omuntu n'aleka ekintu ng'ekyo, ne yeegatta ku kibiina, abeera asusse ekyo kye nnyinza okwogera. Tekyetaaga bujobera bwa kasengejja. Tekikyetaaga. Tekikyetaagisa kuba kityo, tekikyetaagisa kwesiga nkuba eya bulijjo okukijjuza. Buli kiseera kiba kijjuvu. Amiina.

54 Abantu, mpulira bagamba nti, "Leero ndi mu ddubi." Oh, abange!

Oh, ndi musanyufu okubeera mu kubeerawo kwa Katonda, oba bigenda bulungi oba nedda. Ye bwe bulamu bwange. Amiina. Ye bwe bulamu bwaffe. Ye bwe bulamu. Obulamu obujjuvu. Yee, ssebo. Kati—kati laba kye kyatukolera, amaanyi ge n'obutukuvu biri mu kyo. Tekyetaaga kusunda okuva mu kidiba oba mu nkola endala yonna.

Waliwo eyambuuza, "Kale, kkaada y'obwammemba yo eriwa? Ka tulabe oba oli Mubaptist omutuufu. Njakukitegeera bw'oba olina kkaada. Oba—oba Omupentekoote omulungi, bw'oba wa Oneness, Twoness, Threeness, oba—oba kyonna ekirala." Olaba, tekyetaaga kukisunda, lubeerera lukulukuta. Yee.

Omanyi, naliko n'ekidiba kino ekikadde, nga nnina okukiyiwamu amazzi ne nsunda ne nsuda, ne bomba eno enkadde, okusobola okugaggyayo; omanyi, bw'okiyiwamu amazzi, oba oyiyeemu biwuka na buli kimu, n'osunda ebiwuka n'ebirala. Eyo y'engeri okudda obuggya kuno okumu okukanike bwe kubeera.

Naye, Katonda yeebazibwe, "Waliwo ensulo y'omusaayi, aboonoonyi mwe bennyika!" temufuuka bammemba ba kkanisa; mufuuka Bakulisitaayo bwe mujja eri Ensulo.

Oleka otya ensulo ey'amazzi amalamu, n'ogenda onywa mu kidiba ng'ekyo?

55 Si lwa kusunda; amaanyi gaalwo gali mu lwo. Terwetaaga kusunda, yee, ssebo, kubanga (lwo ku bwalwo) obulamu bwalwo buli mu lwo. Eyo y'engeri ensigo ya Katonda gy'ebeeramu mu mutima gw'omuntu. Obulamu bwa Katonda buli mu ssekinnoomu, si mu kkanisa. Mu ggwe, buli mu ggwe, ggwe olimu akaweke ak'obulamu.

Okulegako obulezi ogumu kimatiza engeri zonna eza bakabona. Buuza ku kabona Omukatoliki, buuza Omubaptist, kyonna ky'ali. Olulegako olumu ku mazzi gano ag'ensulo, nkubuulira, gakumatiza, nti ge Mazima. Emmeeme yo erumiddwa enjala, mu buli ngeri, gamatiza abayonta, mu buli ngeri yonna. Kati bw'oba toli muyonta . . . Bambi Omubaptist ono, eky'okusooka, yalina ennyonta; olwo bwe yawulira ennyonta, amazzi nga gawooma bya kitalo. Ky'ekyo, kyokka olina kusooka ku lumwa nnyonta, "ennyonta y'omukisa," nga Yesu bwe yagiyita. "Balina omukisa abo abalumwa enjala n'ennyonta eby'obutuukirivu, balikkusibwa." Mikwano, ekyo Yesu ye yakyogera. Yee, ssebo, nsulo ya mukisa eri abalumwa ennyonta.

56 Lwaki omuntu ayagala okuluwaanyisaamu n'olutobazi? Lwaki oluzzi olw'ensulo oluwaanyisa n'amazzi

g'olutobazi, agajjudde ebiwuka n'okwonoonebwa kw'engeri z'endowooza ezaakolebwa omuntu, Katonda bye yagamba nti, "Alyongerako ekintu kyonna ku Kigambo kye, oba okutoolako ku Kigambo kye, omugabo gwe guliggyibwako mu kitabo ky'obulamu"?

Era oba nga Katonda ekyo yakisuubiza ajja kwoleka ekigambo kye mu buli mulembe, "Kubanga okusuubiza kwammwe n'abaana bammwe, n'abo abali ewala, abo bonna abaliyitibwa Mukama Katonda waffe," lwaki mugasunda mu bintu ebikanike ebirabika nga byayonooneka emyaka mingi, emaanu enkadde? Eyinza okuba ng'emaanu yali nnungi, sigirinaako buzibu, mu nnaku za Martin Luther, mu nnaku za kino, mu nnaku za kiri, n'abaddaabuluzi abalala, sibirinaako buzibu; naye eyo maanu ya kiseera ekyayita.

Bwe tukiraba mu Bayibuli, baagikuŋŋaanyanga buli lunaku. Baatekwanga kufuna nsu. Bwe yalwangawo, ng'evunda. Tesobola kuvunda nga teyonoonese. Erina okubaamu obuwuka, oba ekirala oku—okuvunda. Tumanyi nti ekyo bwe kiri.

Bwe kiri ne mu bikaniikirire! Bwe kiva mu kudda obuggya kuno okw'amaanyi ne kidda mu kulala, nga kyonooneka nga kiyingiramu ebiwuka, ng'ekidiba ekijjudde ebiteevuunya, nga bwe tutera okubiyita, nga birimu ebiwuka n'ebiteevuunya.

57 Kati obwo bwe buzibu obuli ku bumanyirivu bw'abantu leero. Ba—bajjudde kuteevuunya, ne bateevuunya ku ono, ne bateevuunya ku oli, nga babuulira engero ezisanyusa ezitaliimu wadde amazima. Ky'ekyo, ng'ateevuunya ku ono n'ateevuunya ku oli. "Nnali Mumethodist; ne nneegatta ku Baptist. Nnali Mukatoliki; ne nzira mu kino. Ate ne ŋŋenda mbeerako kiri." Kuteevuunya buteevuunya. Oh, kyerabire!

Ojje eri ensulo, amiina, oluzzi olw'ensulo, Kristo abeerawo buli kadde! Mmukkiriza okuba ensulo ey'amazzi amalamu agatakalira. Gy'okoma okuginywamu, gy'ekoma okuba ennungi, n'okunnyogoga, okuwulira obulungi, n'okuba amawoomu. Mmuweerezza okumala emyaka asatu-mu-esatu, naye buli lukya yeeyongera kuba mulungi. Sibangako . . . Yagamba togenda kulumwa nnyonta nate bw'onywa ku mazzi gano. Oh. Laba nga bwe kiri eky'ekitalo!

Isiraeri yakola nga bangi bwe bakola leero, ne baleka ensulo ey'amazzi amalamu, ne beesimira ebidiba.

58 Kati ka njogereko bwogezi ku kisa kye katono, ekisa kya Katonda. Tulina amateeka g'eggwanga n'amateeka g'ebitundu, "Kati bw'oba totuuka ku kigera kino . . . nnina omuggo ogw'eddiini ogupima; kati bw'oba totuuka ku kigera ekyo, ky'oteekwa okubeerako, tosobola kuyingira," n'ebirala. Naye Katonda atulokola na kisa, si na muggo ogupima. Olaba? Naye Katonda, olw'ekisa ng'ayogera, engeri kino gye kyabaawo, okunywa mu Ye. Okuva ku muggo guno ogupima . . .

Kwemulugunya, Isiraeri nga yeemulugunya. Weetegereze, yagamba, "Ndikujjira nate." Weetegereze mu Byawandiikibwa. Weetegereze, yali agenda kubagezesa, okubakyalira nate. Ku nnyanja emmyufu, Isiraeri we yeemulugunyiza, yali eragiddwa okumugoberera abayise mu mazzi g'e Misiri agatakulukuta, okubeera abantu ab'eddembe. Baali balagiddwa okuvaayo bajje babeere bantu ba ddembe, wamu Naye. Mukifulume nga muyita mu Nnyanja Enfu; Ennyanja Emmyufu, manyanga, mukifulume okuyita mu kino, mugende mu ddungu, okubaawula n'abageegeenyi abaali bagezaako okukigeegeenya, nga si bakomole.

59 Oh, awo we waava obuzibu. Falaawo n'eggye lye, bonna baazikiririra mu ddu . . . oba awo—mu nnyanja. Baalaba abantu nga batambula n'amaanyi ag'obwa Katonda, bwe batyo nabo ne bagoberera nga bagezaako okukigeegeenya, nga tebaateekebwamu mu mukisa. Era bwe baakikola, ne bazikirira. Kukyefaanaanyiriza.

Omuntu ng'agezaako okukikola, agezaako okukigeegeenya, olwo aba yeefaananyiriza n'Omukulisitaayo owannamaddala.

60 Muganda wange oyo Omuyindi ali awo ekyo akimanyi. Gendako mu Bombay ojja kulaba abantu baayo, ba Hindu n'abalala, nga beetunga ku biso ne ku . . . balinnya ku bigiraasi nga—nga batambulira mu muliro, okulaga nti basobola, n'ebirala nga . . . Okwo kugeegeenya kw'omuntu omu eyo mu kibira, ng'akikola ku ssaddaaka ye eri katonda we.

Tukiraba nti wakati mu bulamu bw'eddiini zonna, bya kugeegeenya, omuntu omu ng'agezaako okubeera ng'omulala. Waliwo eky'okulabirako kimu kyokka ky'olina okufaanana, ye Yesu Kristo, eyali Ekigambo. Era kati Ekigambo kya Katonda bwe kijja gy'oli, kijja kuba mu ngeri y'emu.

61 Bwe kityo Katonda yabakulembera okubatwala mu nsi ensuubize, mu buli ngeri yonna. Baakiraba, era, buli ttanka, kati nga batandise ku lugendo lwabwe mu ddungu, nga bamaze okwawukana, baakizuula nti buli ttanka gye bali, yali ekalidde.

Ow'oluganda, ojja kusanga ekintu kye kimu, bw'onootandika olugenda luno okugenda mu nsi ensuubize. Ojja kusisinkana emiryango emiggale. Ng'omubuulizi oli bwe yagamba, bambi Omwanglican,

oba kyonna kye yali, era, ky'olina okusooka okumanya, nti ekkanisa ye yamugoba. Olaba, kasita yalina bangi abaali bajjudde Omwoyo Omutukuvu, ekyo kyali kimala.

62 Bwe kityo—ne Isiraeri yasisinkana ekintu kye kimu, ng'eky'okulabirako, bwe baali ku lugendo lwabwe nga bagenda mu nsi ensuubize. Ttanka zonna zaali zikalidde. Yee, olugendo lwabwe mu kugondera Ekigambo ky'ekisuubize, ku lugendo lwabwe, ttanka baasanga zikalidde. Kati ne bakiraba nti ttanka—ttanka tezeesigika, mu lugendo lwabwe.

Bw'oba wa kutambula ng'ogondera Ekigambo kya Katonda, ate n'ogezaako okweyunga ku kino na kiri, ojja kukiraba nti tewali ttanka mu nsi esobola okukuyamba. Wadde n'emu. Ggwe ng'omu. Katonda akukulembera mu ngeri gy'ayagala okukulemberamu. Era, ne leero tusisinkanye ekintu kye kimu, ttanka zonna zikalidde.

63 Naye ekisuubizo, lubeerera kiba kituufu, eri Katonda oyo akuuma ekisuubizo kye eri abantu. Yasuubiza okugabirira byonna bye beetaaga, era yakikola. Nga tewali, nga ttanka nkalu, kirowoozeeko bulowooza; Isiraeri nga yeemulugunya, mu ddungu, ku lugendo lwabwe! Yayita omuweereza-omukulembeze we, nnabbi Musa, erudda eno, n'azibukula ensulo ey'amazzi amalamu, bwe yakuba ku lwazi, bwe batyo abaana be abakkiriza baleme okuzikirira.

Mu kiseera kino, ku lwange, ekyo kiraga kisa. Tetusaanira. Engeri gye tukozeemu, engeri gye tutambulamu, tetusaanira.

Naye Katonda, mu kiseera kino, nga kati enkya eno, alaba, eri Abamethodist, Ababaptist, Abapresbyterian, abakatoliki, n'abalala. Azibukudde ensulo. Abaebbulaniya 13 kino ekikakasa, nti abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Kale ki—kikikakasa, Yokaana 3:16, "Katonda bw'atyo bwe yayagala ensi, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we omu yekka, nti buli amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo."

Gwawanikibwa olw'ensonga eziwerako, okusonyibwa ebibi byabwe, n'okuwonyezebwa endwadde zaabwe, kubanga abantu baali beemulugunya n'okwonoona, nga babojjebwa emisota ne bafa.

Era eyo y'ensulo y'emu etuzibukuliddwa leero, olw'obulokozi bwaffe n'okuwonyezebwa kwaffe, okuwonyezebwa kw'emibiri. "Kubanga aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

64 Kati olwazi olwakubibwa n'Ekigambo kya Katonda eky'ekisuubizo, bwe lwalagirwa, lwafuuwa amazzi amayonjo amatukuvu; si-si agatakulukuta, si agaayonoonebwa, naye okubeerawo kwa Katonda mwene. Amazzi agatukula, ne galokola bonna abaaganywako. Kati tumanyi nti ekyo bwe kiri, kubanga tukisoma mu Ndagaano Enkadde, ng'eky'okulabirako.

Kaakati, tekikwetaagisa kukisika, kukisunda, kukyegattako, kugenda mu seminaaliyo okuyiga engeri y'okukikozesaamu. Eyo bajja kukubuulira engeri y'okukikozesaamu, olaba, "Oh, kale, osobola, bw'oba ofunye Omwoyo Omutukuvu, ekyo tukikkiriza, naye kati ggwe—okikola bw'oti."

Naye, mukiraba, tewali ngeri ya kukiziyizaamu. Si ggwe akozesa Omwoyo Omutukuvu; Omwoyo Omutukuvu y'akukozesa, mulaba. Olaba, si ggwe, si ggwe okukozesa Omwoyo Omutukuvu; Omwoyo Omutukuvu y'akukwata. Ekirabo si ky'ekintu ky'okwata, ng'akambe, n'okasongoza ekkalaamu. Kiri kwewaayo eri Katonda, ggwe ne weggyawo olwo Omwoyo Omutukuvu n'akukozesa.

65 Weetegereze, tekyabeetaagisanga ku lusunda oba okulusika, oba tekyabetaagisanga kubuuza, "Kati amazzi gano tugakozesa tutya?" kubanga baali bamanyi engeri y'okugakozesaamu. Baalina ennyonta. Baamanya eky'okugakozesa.

Bwe kityo bwe kiri eri omusajja n'omukazi, kityo, nga tafuddeyo ku kikwate oba kibiina kya ddiini ki ky'alimu, ng'ow'oluganda ono Omwanglican, oba ow'oluganda Omungereza bwe yakola, jjuuzi, yalina okuddayo n'okwebuuza, eri ekkanisa y'Anglican, engeri gy'anaakozesaamu ekirabo kino ky'afunye, eky'okwogera mu nnimi, n'engeri y'okukikolamu. Okusookera ddala, baali balina kumugobera bweru. Olaba? Yalina ennyonta, bw'atyo Katonda n'amukkusa. Ebyo by'ebyo ku ekyo. Kuba na nnyonta, ye n'akukkusa.

Teweetaaga kumala kufuna lukusa lwonna, omulala okukubuulira eky'okukikozesa. Katonda buli omu amukulembera mu—mu ngeri gy'ayagala okolemu. Ggwe a—nga ssekinnoomu, wennyini. Oli kitundu ku Katonda. Tewali asobola kutwala kifo kyo. Era tewali ngeri gy'osobola kugenda mu kya mulala, kati n'ogamba, kino "kye nnina okukikozesa," ekyo kye nnina okukikozesa." Nedda, ssebo. Katonda akikozesa mu ngeri gya—gy'ayagala. Bw'oba n'ennyonta, omanyi ekigero ky'olina okunywa.

66 Enkya eno bw'oba n'ennyonta, lunywemu, ekyo kyokka ky'olina okukola. Katonda yakuba ekkubo ku lw'ennyonta yaabwe, abaana abalina ennyonta okusena ku ye buwa. Era enkya eno Katonda akubye ekkubo eri buli musajja n'omukazi, oyo alumwa enjala n'ennyonta. Oba oli awo waliwo abantu abali wano, nga tebalokokanga. Waliwo abantu abali wano abali ku njegooyego y'okulokoka.

Waliwo abantu abali wano, nga batudde wano nga bammemba b'ekkanisa, nga mugenderera kukola

bulungi, naye nga munywa mu ttanka. Tebagenda kubabuulira mazima gano.

Ky'olina okukola, kwe kujja, n'otwala ekisuubiza kya Katonda ng'ojja eri ensulo, olwo ennyonta ejja kuwona. "Buli yenna anywa mu nsulo eno ennyonta tegenda kuddamu kumuluma nate."

67 Kati weetegereze engeri—engeri gye yawa eddembe aba—ababe abatwala amazzi gano, olw'ekisa, si lwa nkola oba ekidiba ky'ebyenjiriza. Ayoleka Ekigambo kye, nsulo egaba obulamu. Bameka abali wano ng'omanyi nti wafuna bulamu bwe watwala ekigambo ekyo n'amazzi gaakyo, omanyi nga wafuna bulamu? [Ekibiina kiddamu, "Amiina." Omuk.]

Ka tukitwale, kale, okugeza, ng'eky'okulabirako ekirala, oba bibiri, olwo mangu ddala mmalirize. Nni—nteekwa okubaako n'akapeesa ako ak'okubatika. Naye weetegereze. Nneeyongera okwogera, naye mba saagala kukikola. Laba, ka tutwale eky'okulabirako, ky'abantu abawerako.

68 Ka tutwale omukazi eyali ku luzzi lwa Yakobo, oluzzi olusime. Awo ng'atudde awo. Kimu kyokka omukazi kye yali amanyi, ky'ekidiba kino mweyaggyanga amazzi. Kati kumpi n'oluzzi we yasanga, eyamulaba, omusajja Omuyudaaya, ng'atudde awo. Ate ye yali Musamaliya, mu kibuga ky'e Suka. Kati tulaba nti omusajja ono, Omuyudaaya ono, yayogera ebigambo ebitali bya bulijjo eri omukazi ono, nti, "Mpa amazzi nnywe."

Kati omukazi n'amuddamu, "Tulina enjawukana mu mawanga. Si kya—si kya bulijjo gy'oli okuŋŋamba bw'otyo; ggwe oli Muyudaaya, ate nze ndi Musamaliya."

N'amugamba, "Singa obadde omanyi oyo ayogera naawe, ggwe wandinsabye amazzi, era nandikuwadde amazzi n'oteetaaga kuddamu kujja ku kidiba kino kunywa; ndi mazzi agabugujjira mu ggwe." Weetegereze ekyo bwe yakiraba ne kimukakasa nti ge mazima.

69 Kaakati, okusooka, ekyo omuntu yenna yandikyogedde. Naye yagamba, "Mugamba musinziza Yerusaalemi, ate ffe tusinziza ku lusozi luno."

N'amuddamu, "Obulokozi bwa Bayudaaya. Ffe tumanyi kye tukkiriza." Naye, era, "Ka nkubuulireyo ekintu kimu," mu bigambo nga bino, "nga si ku lusozi luno, oba e Yerusaalemi. Ekiseera kijja omuntu w'anaasinziza Katonda mu Mwoyo ne mu mazima, kubanga Kitaffe ekyo ky'ayagala." Nti era, "Genda oleete balo." Weetegereze, wano kyakakasibwa. Kiraga luzzi ki kwe yali. Yamugamba, "Genda oleete balo wano."

Omukazi n'amuddamu, "Sirina baze."

N'amugamba, "Oyogedde mazima." Olaba, kyalabikira ddala ng'ekitakwatagana n'ekyo kye yali omubuuzizza, bwe yamugamba, "Genda oleete balo."

N'amuddamu nti, "Sirina baze."

N'amugamba, "Oyogedde mazima." Era, "Kubanga walina bataano, n'oyo gw'oli naye kaakano si wuwo."

70 Laba omukazi oyo, engeri gye yayawukana ku bakabona b'ekiseera ekyo! Bakabona b'ekiseera ekyo baalaba ekintu kye kimu nga kibaawo, ne bagamba, "Oyo Setaani, katemba, oba—manya Beeruzebbuli." Olaba, tebaakiraba nti Ekigambo kyakisuubiza.

Naye omukazi oyo yali amanyi Ebyawandiikibwa okusinga bakabona bonna. Yagamba, "Ssebo, ntegedde nti oli nnabbi. Okuva ku Malaki, tubadde tetufunangayo n'omu emyaka ebikumi bina." Naye, "Tumulindiridde, tubadde tumanyi nti waliyo ow'okujja, nga ye Masiya. Nti era bw'alijja, bino by'alikola."

Yesu n'amuddamu nti, "Nze wuuyo." Amiina.

Wali okyetegerezza, akalobo ke yakaleka ku kidiba kya Yakobo, n'addukana mu kibuga; ng'ajjudde oluzzi olw'ensulo! Yakiraba nga kituukiririidde ddala, era ye yali ensulo eyo ey'amazzi amalamu. Ka mbanjulire omukazi ono. Biri yabireka; bwe yamukakasa okuba Ekigambo ky'obulamu. Yakaleka; bwe yazuula olwazi olwo, olwakubibwa mu ddungu, yakakasa okubeerawo kwe nate.

71 Ka ŋŋambe bwe nti, Katonda oyo y'omu eyaliwo mu nnaku ziri ezaayita, gwe twogerako ennyo. Waali wano kaakati; si na kutegeera kwa bya kusomerera bya ddiini, naye n'amagezi ag'okweyoleka kwe eri buli ssekinnoomu gaalifuka mu nnaku ez'oluvannyuma, n'Omwoyo Omutukuvu ku kkanisa ye. Si oyo "Eyaliwo." Akyali NDI," ekiseera ekiriwo, bulijjo.

Olwo ekidiba ne kiggwaamu ensa. Era akikolera buli muntu ayingira mu Maanyi ga Katonda, olw'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, enkola z'ebibiina by'amadiimi ne ziggwaamu ensa. Oba tokyetaaga mazzi ago agatakulukuta omuli ebikere, amakonkome, ebiwuka, n'ebiri bityo. Oba onywa mu nsulo ennungi entukuvu, Ekigambo kya Katonda, buli kiseera nga mapya mu mmeeme yo. Na kati bwe kiri, Ekigambo bwe kimala okukakasibwa okuba amazima, legako olabe oba nga si kituufu.

Wadde ng'ekidiba kikoze bulungi, kikoze bulungi mu kiseera kyakyo; naye, laba, ensulo ey'obulamu bwe yajja, oluzzi lwa Yakobo terwaddamu kulabika, olw'okunywa okw'omwoyo. Baalowooza, nti bwe banaanywa mu luzzi olwo, kale, kijja kuba nga kiwedde; kyokka kati ensulo eyo ey'obulamu yennyini ye yali etudde awo.

72 Kati tetwetaaga nkola na bibiina bye twalina. Tuli mu kiseera eky'enkomerero. Era Katonda yasuubiza, mu kiseera kino eky'enkomerero, ebintu by'alikola. Era tubiraba nga bituukirira, eri Ekigambo. Tuwulira omusajja ow'obuyinza bwonna obw'ekijaasi, ng'avaayo, mu kukankana, n'agamba, baabo, "Waliwo ekinaatera okubaawo." Tuwulira Omwoyo Omutukuvu ng'atulabula nti waliwo ekinaatera okubaawo. Tulaba buli kimu kimaze okutegekebwa. N'olw'ekyo leka enkola y'abantu eyo ojje eri ensulo. Yee, ssebo.

Lwakola omulimu gwalwo, naye kati yali asisinkanye ensulo yennyini.

73 Mu Yokaana 7:37-38, Yesu yagamba nti mu nnaku ez'enkomerero ez'embaga ey'ensiisira (Kiki kye yagamba?), "Omuntu yenna bw'alumwa ennyonta, leka ajje gyendi, anywe." Wakati mu bakagezimunnyo! "Omuntu yenna bw'alumwa ennyonta, leka ajje gyendi, anywe. Kubanga Ebyawandiikibwa bigamba, emigga egy'amazzi amalamu girifuluma mu ye nga giva mu muntu ow'omunda."

Eyo y'ensulo ey'amazzi amalamu. Eyo y'ensulo abantu gye balese leero. Ku lw'ekikwate, balese ensulo ey'amazzi amalamu. Ka mmubanjulire. Ye, gyendi . . . Kati mmaliriza.

Ye, gye ndi, y'ensulo eyalokola obulamu bwa Agali, n'omwana, bwe baali nga bafiira mu ddungu.

Nzikiriza ye lwe lwazi, Isaaya 32, lwe lwazi mu nsi ekooyesa. Ye ky'ekiddukiro mu kiseera ky'omuyaga.

Zekaliya 13, y'ensulo eriggulwa mu nnyumba ya Dawudi, olw'ekibi. Mmukkiriza okuba ekyo. Ate mmwe? [Ekibiina kiddamu, "Amiina." Omuk.]

Mu Zabbuli 36:9, lwe luzzi lwa Dawudi olw'obulamu. Ge mazzi amateefu aga Dawudi, era omuddo omuto. Ge mazzi ga Dawudi ag'oku mabbali g'omugga.

74 Mu Lubereberye 17, Ye ly'ebbere lya Ibulayimu eriyonsa, El Shaddai. Naye obulamu bwe bwe bwamuvaamu, yasigala akya . . . Katonda yakyogera.

"Omusajja ow'emyaka ekikumi, kinaasoboka kitya? Ndi mukadde, ne mukazi wange mukadde, kinaasoboka kitya?"

N'amuddamu, "Nze El Shaddai." Kati, El ye "oyo" ate—ate Shaddai kwe "Kuyonsa," era Shaddai kiri mu bungi, ekitegeeza "Nze Katonda ayonsa."

Kiringa omwana awejjawejja ng'ate mulwadde, ng'aweddemu amaanyi, ng'agudde mu kifuba kya nnyina ng'agezaako okumuzzaamu endasi. Ddala. Si ekyo . . . Bw'amusiisiitira, taddamu kweraliikira. Ku bbere lya nnyina, awummula nga bw'afuna amaanyi.

Kati buli muntu yenna anaateeka ekisuubizo kya Katonda mu mutima gwe, ekigamba, "Ekisuubizo kyammwe, n'abaana bammwe, n'abo abali ewala, Mukama Katonda waffe baaliyita," n'ogalamira awo n'akusiisiitira. Omwana awejjawejja, kikkirize! Kya bakkiriza.

75 Eri abakkiriza abayiiya, nnyinza okulowooza ku nnyimba abayiiya ze baatuyiiyiza. Kuliko omu ku bo lumu eyagamba, Ye . . .

> Waliwo ensulo y'omusaayi,
>
> Ogwa Emmanweri,
>
> N'aboonoonyi bennyika omwo, Banaazibwe ebibi.
>
> Omubbi eyali ku musaala yeesiima okugiraba,
>
> Nange bwe mba omubi nga ye,
>
> Naaza ebibi byonna.
>
> Kasokedde ndaba omusaayi
>
> Guva mu biwundu byo,
>
> Kwagala kwe gwe mulamwa,
>
> Okutuusa lwe ndifa.

76 Gye ndi, ge mazzi g'Ekigamba ag'okwawula, agakwawula ku buli kimu ekikontana n'Ekigambo kye. Oyo

gwe nzikiriza okuba ensulo eyo. Yee, ssebo. Ye, ge mazzi aganjawula ku bidiba ebyakolebwa abantu, okuntwala eri ensulo ey'amazzi amalamu. Oh, mikwano, nnyinza kugamba . . . Mugende bugenzi mu maaso, n'ebintu ebyo—nti ali naffe! Ye Alfa, ne Omega. Ye Lubereberye, ate y'Enkomerero. Y'oyo eyaliwo, Aliwo, era agenda okubaawo. Y'emmunyeenye y'enkya. Ye byonna mu byonna wange.

77 Kaakati, ow'oluganda, mwannyinaze, bw'oba ng'obadde tolina e—e . . . ebbanga lyonna ery'obulamu bwo, ng'obadde onywa mu bittanka bino ebikadde ebyakolebwa abantu, lwaki toleka ttanka ezo amakya gano n'ojja eri ensulo eno?

Ka tukotekeko ku mitwe gyaffe katono. Nga bwe tukotese ku mitwe gyaffe . . . [Mwannyinaffe atandika okuyimba mu lulimi olulala. Bbanga jjereere ku lutambi. N'omulala n'avvuunula—Omuk.] . . . Ndowooza, tuyite ab'okusabira. Bameka abagamba batyo?

Nze—mbadde nsobeddwa, mba—mbalwisizzaawo, ekindeetedde okukutulakutula mu bubaka bwange. Naye nsuubira Omwoyo Omutukuvu ayagadde mufune kye mbadde ntegeeza. Laba, leero tewali kirala kisinga ku kwetereeza ne Katonda; olaba, eby'okulya byaffe, kyonna kye kiri, kyonna. Mukama waali. Kati, okutuusa kati, ekyo nnali nkifunyeeko omulundi gumu mu bulamu bwange.

Kati ki . . . mwenna abali wano, si mwenna “nga bameka.” Abo bonna abali wano nga mwagala okunywa mu ekyo, muyimirireeko katono, tusabe. Katonda abawe omukisa. Mukama abawe omukisa.

78 Kati bameka abali wano, abo—abayimiridde wano kati, abaagala okugamba, nga muwanise ne ku mikono muti, “Katonda, nzikaako, nzijuza, nsaba nnywe mu luzzi luno. Sikoze ekyo ekisaanira okukola, naye nja—nkusaba onsonyiwe. Naaza ebyonoono byange. Era ka—ka—ka, okuva leero, mbe . . .”?

Nsaasira! Owange!

Waliwo ensulo y'omusaayi,
Ogwa Emmanweri,
N'aboonoonyi bennyika omwo,
Banaazibwe ebibi.
Banaazibwe ebibi,
Banaazibwe ebibi;
N'aboonoonyi bennyike omwo,
Banaazibwe ebibi.

Kati eri, mmwe abakkiriza Abakulisitaayo, mw'akkiriza Kristo ng'Omulokozi wammwe, naye temunnatuukira ddala ku . . . Kati bwe muba temunnaba, eyo y'ensulo. Eyo yokka gye mmanyi eva mu Emmanweri. Kaakati, bangi ku mmwe abali wano bwe muba . . .

79 Jjuuzi nnali njogera ku mpungu eno eyali etambulira awamu n'enkoko mu luggya. Era teriiko kye yali emanyi wabula enkoko, kyokka yamanya nti erina ky'eyawukana ku nkoko. Kati maama waayo n'ajja ng'aginoonya, ng'aleekaanira mu bbanga. Kwali kuyita kwa mpungu. Olaba, okusooka, yali mpungu, si ekyo teyanditegedde kuyita okwo. Mulaba, yali . . .

Waaliwo ekyali kiteekwa okubaawo, okumeruka, si ekyo tekyandivuddemu bulamu. Kati ensigo, Ekigambo kya Katonda, bwe kiba mu ggwe, Omwoyo Omutukuvu waali wano kati okukimeza okukifuula ekyannamaddala gy'oli.

80 Bameka abali wano nga tofunanga kubatizibwa okw'Omwoyo Omutukuvu, muyinza okuwanika ku mikono gyammwe? Wonna, buli wamu, ng'okitegeeza, bw'oba nga tofunanga Mwoyo Mutukuvu, nga wandikyagadde, wanika ku mukono gwo. Wonna wooli, sigalako, ng'owanise ku mikono gyo.

Njagala musigale nga muyimiriddeko, mubalabe, njagalayo abantu babateekeko emikono.

Nzikiriza kaakati nti Omwoyo Omutukuvu ajjuza buli oyo amwetaaga. Kati temulowooza ku mmere eri eyo mu wooteeri. Ka tulowooze ku mmere eno eri wano. Y'eno. Bwe bulamu. Mulaba, kino bulamu.

Buli omu, kyuka, muteekaganneko emikono. “Ne babassaako emikono!” Kati njagala osabire omuntu gw'otaddeko omukono . . .

Kati tolowooza ku kufuluma. Tobaako na kirala ky'olowooza. Katikati, lowooza bulowooza, nti Omwoyo Omutukuvu ali wano okujjuza buli ssekinnoomu. Yanjuluza omutima gwo, ggyamu ebidiba byonna eby'amazzi, ogambe, “Ai Ensulo ey'obulamu, yingira mu nze. Ai Mukama Katonda, nzijuza, obulungi bwo n'ekisa kyo.”

81 Mukama Yesu, ensulo eyo etakalira! Katonda, nkusaba, ojjuze buli muntu. Nsaba Omwoyo Omutukuvu akke wano. Katonda, nkusaba, twerabire ebirala byonna; era Omwoyo Omutukuvu akke mu massekkati gaffe, katikati, atuwe amazzi ago ag'obulamu, buwa, okubuna buli wamu. Kikkirize, Ai Katonda. Nga—ng'okusaba n'okuyimba bwe bigenda mu maaso, nga bigendera wamu, Mukama, nga tumanyi nti okwo kwe kubeerawo kwo, okubeerawo kwo okw'obwakatonda, twagala okujja eri ensulo. Tusaba

okubatizibwa, okutuufu okwannamaddala n'Omwoyo Omutukuvu. Mukama, abantu bano bakisaba. Nsaba nti, akaseera kano kaakati, bajjuzibwe n'obulungi bw'obwakatonda buno. Kikkirize, Ai Katonda. Wulira okusaba kw'abaana bo. Nsaba okke ku mibiri gyabwe, leka amaanyi ga Katonda, n'Omwoyo Omutukuvu, abamaamire. Kikkirize, Katonda.

Oo nga tukwebaza olw'okutuzza obuggya, ku lw'okubeerawo kwa Katonda w'Eggulu ow'amaanyi, ng'ayimiridde mu masekkati gaffe! Mu ssaawa eno yennyini ey'ettuntu, Mukama, otuliise! Mukama, tusaba emmere okuva ku mmeeza yo. Tuliise, Mukama, katikati. Tuliise n'Omwoyo Omutukuvu, mu bulamu bwaffe. Emmeeme zaffe zikaze olw'enjala zirumwa ennyonta. Nga bwe wagambye mu kuvvuunula kw'oluyimba, "Olifuka amazzi ku ttaka ekkalu." Leka kibeewo, Mukama. Leka Ekigambo kyo kirabisibwe mu mitima gy'abaana bo, "Olifuka amazzi, ku ttaka ekkalu." Katonda ataggwaawo, wulira okusaba kw'abaweereza bo, otuwe omukisa ogwo. Amiina.

Oh, nga mmwagala Ye- . . .

82 Kati genda bugenzi mu maaso ng'omusinza. Manya, nti Omwoyo Omutukuvu ali wano. Bw'otamufuna, gunaaba mutawaana gwo.

Nga mmwagala Yesu,

"Onjagala okusinga banno?"

. . . mmwagala Yesu, Yasooka okwagala nze.

Oh, nga mmwagala Yesu, (Katonda atenderezebwe!) Oh, nga mmwagala Yesu, (Watya singa ajja katikati?) Oh, nga mmwagala Yesu, Yasooka okwagala nze.

Sigenda kumuvaako, Sigenda kumuvaako, Sigenda kumuvaako, yasooka okwagala nze.

Wa kitalo, Wa kitalo, Yesu wange, Ateesa ebigambo, Omulangira ow'emirembe, Katonda ow'amaanyi; Oh, ankuuma, okuva mu kibi n'okuswala Wa kitalo Omununuzi wange, erinnya lye litende . . .

Ka tulumuyimbire!

Wa kitalo, Wa kitalo, Yesu wange, Ateesa ebigambo, Omulangira ow'emirembe, Katonda ow'amaanyi; Oh, ankuuma, okuva mu kibi n'okuswala Wa kitalo Omununuzi wange, erinnya lye litenderezebwe!

83 Abo bonna ekyo abakiwulira, mugambe "amiina" [Ekibiina, "Amiina." -Omuk.] Oh, aleruuya! Ndaba abantu abamu kati, nga bayingira n'Omwoyo Omutukuvu.

Lumu nnali mbuze, n'anzuula, ndi wa ddembe.
Yesu agaba eddembe n'obulokozi obujjuvu;
andokola, n'ankuuma okuva mu kibi n'okuswala, Wa kitalo omununuzi wange, tendere . . .

Leka tuwanike emikono gyaffe kaakati tumu- . . .

Wa kitalo, Wa kitalo, Yesu wange, Ateesa ebigambo, Omulangira ow'emirembe, Katonda ow'amaanyi; Oh, ankuuma, okuva mu kibi n'okuswala Wa kitalo Omununuzi wange, erinnya lye litenderezebwe!

Mumwagala? [Ekibiina, "Amiina." -Omuk.] Oh, kya kitalo! Ensulo ey'omusaayi etenderezebwe, aboonoonyi mwe bennyika ne baggyibwako okutya omuntu, okunenyezebwa kwonna, nga kumuvuddemu. Aleruuya! Oh, abange, ekyo kya kitalo ddala!

Kati nga bwe tuluyimba nate, ka twerabire Obumethodist bwonna, Obubaptist, Obukatoliki, Obupresbyterian, kyonna kye kiri, nga bwe tuyimba kino, "Wa kitalo, Yesu wange," ka tukyuke tusikaganeko mu mikono, tufune obumu obw'edda. Mumanyi, nze, ekyo kye njagala. Ky'ekyo, ka tuluyimbe nga bwe tukikola.

Wa kitalo, Wa kitalo, Yesu wange,

[Ow'oluganda Demos Shakarian ayogera n'ow'oluganda Branham, "Ow'oluganda Branham, nfunye amawulire nti Pulezidenti Johnson, Lyndon Johnson yalumbibwa endwadde y'omutima, oba oli awo tumusabireko n'eggwanga lyaffe." Ab'oluganda bakikubaganyaako ebirowoozo—Omuk.]

Wa kitalo, Yesu, (ky'ekyo) Oh, Ateesa ebigambo, Omulangira ow'emirembe,

84 [Ow'oluganda Demos Shakarian addamu n'ayogera n'ow'oluganda Branham, "Munsonyiweko, munsonyiweko nate, musobola okulindamu katono?" Ow'oluganda Earl Prickett akulembera ekibiina mu kuyimba, Wa kitalo. Bbanga jjereere ku lutambi. Ekibiina kiyimba Waliwo Omugga ogw'Obulamu. Ebbanga eddala ejjereere ku lutambi—Omuk.]

Bayibuli egamba, "Musabirenga abo abali mu buyinza."

85 Kitaffe ow'omu ggulu, tuli mu kabyangatano ku lw'okwetaaga kw'omukulembeze w'eggwanga lyaffe, Pulezidenti waffe. Mukama kino ayinza okuba nga takimanyi, naye ggwe okimanyi. Nsabira ow'Oluganda Johnson, nga bw'agamba okuba omukkiriza mu ggwe. Era, Kitange, endwadde y'omutima, tumanyi, nti yamulumbye. Katonda, nsaba, taliza obulamu bwe. Tulina okugenda mu—mu kacankalano k'eggwanga katikati, mu ngeri yonna. Mukama, nsaba Omwoyo wo amukkeko. Katikati, mu ddwaliro oba yonna gyali, leka Omwoyo Omutukuvu akke ku Walter Reed Hospital akome ku mubiri gwe, atalize obulamu bwe. Mukama, abantu bali mu kweraliikirira, okweraliikirira okusinga kwe tutegeera. N'olw'ekyo tusaba, Katonda, ffe ng'abakkiriza era ng'ekitundu ku ggwanga, tusabira omukulembeze waffe, omukkirize oyongeze ku bulamu bwe, olw'okukussaamu ekitiibwa, mu linnya lya yesu Kristo. Amiina.

www.messagehub.info

Byabuulirwa

William Marrion Branham

"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7